جمعية الدعوة والإرشاد
وتوعية الجاليات بمحافظة حريملاء

# صفة وضوء وصلاة النبي ﷺ

## مستفاداً من كلام الشيخين ابن باز وابن عثيمين رحمهما الله

# Okunnyonnyola Enfuna ya wudhu n'okusaala kwa Nabbi ﷺ

Okuva mu bigambo bya Sheikh Ibn Baz ne Ibn Uthaymeen, Allah Abasaasire



الطبعة الأولى

FIRST EDITION

باللغة الأوغندية

# صفة وضوء وصلاة النبي ﷺ

## مستفادا من كلام الشيخين ابن باز وابن عثيمين رحمهما الله تعالى.

## Okunnyonnyola Enfuna ya wudhu n'okusaala kwa Nabbi ﷺ

Okuva mu bigambo bya Sheikh Ibn Baz ne Ibn Uthaymeen, Allah Abasaasire


KIVVUUNUDDWA

ABDUL HAKIM AUS MAKAYI

KIKAKASIDDWA

FAROOQ ABDULNOOR NTANDA NE

QAASIM QAASIM RAMADHANI



جمعية الدعوة والإرشاد
وتوعية الجاليات بمحافظة حريملاء

ح جمعية الدعوة و الإرشاد و توعية الجاليات في محافظة حريملاء ، ١٤٤٥هـ

فهرسة مكتبة الملك فهد الوطنية أثناء النشر
جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بمحافظة حريملاء
صفة وضوء وصلاة النبي صلى الله عليه وسلم مستفادا من كلام
الشيخين ابن باز وابن عثيمين رحمهما الله
باللغة الأوغندية

عبدالحكيم ماكاي - ط١. .- حريملاء ، ١٤٤٥هـ

١٣ ص ، ١٦,٥٠×٢٢,٥٠سم

ردمك: ٨-٣-٦٠٠٣-٠٤-٦٠٣-٩٧٨

١٤٤٥/٥٤٤

١- الوضوء ٢- الصلاة ٣- السيرة النبوية

ديوي ٢١,٢٥٢ ١٤٤٥/٤٤٥

رقم الإيداع: ١٤٤٥/٥٤٤
ردمك: ٨-٣-٦٠٠٣-٠٤-٦٠٣-٩٧٨

Jaliathrml@gmail.com

966505118354

حساب الجمعية في مصرف الراجحي SA 5080000226608010026266
حساب الوقف الدعوي في مصرف الراجحي SA 2580000226608010900007
حساب الجمعية في مصرف الإنماء SA 5605000068202980101000

# بسم الله الرحمن الرحيم

## ENNYANJULA

Amatendo gonna amajjuvu ga Allah ow'ekitiibwa nannyini buyinza,musaba asse okusaasira n'emirembe ku mubaka Muhammadi, Omukulembeze w'ababaka bonna, era Imaam waabo abatya Allah ne ku bantu b'ennyumbaye ne baswahaaba be, na kubuli muntu yenna alagira empisa ennungi okutuusa kulunaku lw'enkomerero.

Oluvannyuma lwebyo, muganda wange omusiraamu oba mwannyinaze, Katonda Akusaasire nange Ansaasire. Ekitabo kino bigambo ebinnyonnyola esswala ya Nabbi Muhammadi (S.a.w), njagadde nange ngituuse eri muganda wange ne mwannyinaze asobole okunyiikira okuyiga esswala ya Nabbi Muhammadi ﷺ olw'ekigambo kye ekigamba:

لقوله ﷺ «صَلُّوا كَمَا رَأَيْتُمُونِي أُصَلِّي» رواه البخاري ومسلم.

**"Musaale nga bwe mulabye nga nsaala"**

n'eri omusomi wafe, katunnyonnyole ekyo wammanga:

(**1**). Alina okufuna Wudhu nga bwe yalagirwa, Allah Yagamba:

﴿يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُوٓاْ إِذَا قُمۡتُمۡ إِلَى ٱلصَّلَوٰةِ فَٱغۡسِلُواْ وُجُوهَكُمۡ وَأَيۡدِيَكُمۡ إِلَى ٱلۡمَرَافِقِ وَٱمۡسَحُواْ بِرُءُوسِكُمۡ وَأَرۡجُلَكُمۡ إِلَى ٱلۡكَعۡبَيۡنِ...﴾ [المَائـِدَة ٦].

{**Abange mmwe abakkiriza! Bwe mubanga muyimiridde okugenda okusaala, munaaze mu maaso gammwe n'emikono gyammwe okutuusa ku nkokola, era musiige ku mitwe gyammwe amazzi n'ebigere byammwe (mubinaaze) okutuusa ku bukongovvule**...}, n'ekigambo kya Nabbi (s.a.w) ekigamba:

ولقول النبي ﷺ: «لَا تُقْبَلُ صَلَاةٌ بِغَيْرِ طُهُورٍ...» رواه مسلم.

**{Esswala y'omuntu tetuuka nga tamaze kwetukuza oba "okufuna wudhu}.**

N'okufuna wudhu kukolebwa mungeri bweti:

1. Amalirira mu mutima gwe nti agenda kufuna wudhu awatali kwatula bigambo byonna.

Oluvannyuma asoma (Bismillah).

2. Bw'amala ekyo anaaba ebibatu bye byombiriri emirundi esatu.



3. Oluvannyuma ayumunguza mu kamwa wamu n'okufeesafeesa mu nnyindo n'olubatu lumu, nga amazzi agamu ga kuyumunguza mu kamwa, so nga amalala ga kufeesafeesa mu nnyindo, okufeesafeesa mu nnyindo omulundi ogumu, asika amazzi nomukka oguva munda natwala amazzi mu nnyindo zombiriri.



4. Okwo azzaako okunaaba ekyenyi, nakyo kitandikira ku kutu okutuuka ku kutu okw'okubiri mu bugazi, ate nekitandikira okuva ku bumerero bw'enviiri okutuuka ku kalevu mu buwanvu.



5. Ekiddako kunaaza mikonogye ng'atandikira ku nnwe z'engalo nga atwaliddemu n'enkokola, atandikira ku ddyo naddako kkono.



6. Ekiddako, asiiga amazzi omulundi gumu ku mutwe gwonna okuva wegutandikira okutuuka ku nkoona, ate bwamala n'aguzza ng'ava ku nkoona okutuuka ku ntandikwa y'omutwe, nga taleseewo katundu konna. Oluvannyuma engaloze zebayita vva mu mba aziyingiza mu matu ge gombiriri olwo nno n'asiigisa kyalakisajja ku ngulu kwa matu.





7. Asembyaayo okunaaza ebigere by'ombiriri ng'atwaliddemu n'obukongovule, ng'akulembeza ddyo ku kkono. Era kirungi okusunsula obugere, mu bufunze eyo y'engeri gyetufunamu wudhu.



كيف أتوضأ ؟

**Engeri gye tufunamu wudhu**

**Nfuna ntya wudhu?**

Omuntu bw'amala okufuna wudhu ayogera ebigambo bino:

“**Ash hadu Allaa- ilaaha illa Allah wah-dahu la shariika lahu, wa ash hadu anna Muhammada abduhu wa Rasuluhu**”.

(**2**). **Ayolekera omusaaze eri Ekibula**.

Ekibula nakyo ye Kaabah, gye tutunula era gye twolekera nga tusaala, omusaaze amalirira mu mutima gwe awatali kwatula na lulimi lwe; kubanga Nabbi ﷺ teyayogeranga wadde Ba Swahaba be kintu kyonna, ekirala ateekawo ekintu kyonna mu maasoge w’asaalira bwaba nga Imaamu oba omuntu asaala yekka, n’okwolekera eri Ekibula kamu ku bulombolombo obutuukisa esswala.

(**3**). Aleeta takbiira eggulawo esswala nagamba nti: **Allahu Akbaru**, nga ayolekezza amaasoge ku kifo w’avunnamira omutwe gwe, Imaamu akulembera abantu mu kusaala agyogera lwaatu, era takbiira endala zonna azireeta mulwaatu; abamugoberera basobole okuziwulira, wabula bo *abagoberezi* bazogera mu kyaama.

**Takibiira eggulawo esswala:** “Allahu Akbar”, amakulu gaayo gategeeza nti Allah yasinga buli kimu.

Kyatteeka okwogera takbiira eno, era ye ggulawo esswala, esswala teba ntuufu okujjako nga omusaaze ya gyogedde kuntandikwa.

Kino tukijja mu Hadiith ya Abu Huraira nga ayogera ku musajja eya yingira mu Muzikiti n’atandika okusaala nga bwa papiriza, yayitibwa Nabbi ﷺ okumusomesa okusaala okutuufu namugamba bw’oyimiriranga okusaala esswala gamba nti: “Allahu Akbar”.

(**4**). Mukuleeta takbira eyo eggulawo esswala (takbirah ey’emizizo), asitula emikonogye nga engaloze azigasse wamu ku ntandikwa ya takbiira neyenkanya emikonogye n’ebibegabegabye, oba neyenkanya emikonogye n’amatuge, era omugoberezi naye aleeta takbiira nga Imaamu amaze eyiye.



(5). **Ateeka emikonogye gyombiriri ku kifuba kye.**



Ekibatu kye ekya ddyo akissa ku kibatu oba ekisekeseke ky'omukono ogwa kkono nakwata wansi w'ekifubakye. Amaaso go agatunuza w'anaavunnama.

(6).**Esswala agigguzzaawo n'emu ku dduwa ezajjibwa ku Nabbi waffe**. Edduwa ziwerako, muzo mulimu edduwa eyasinga okwatikirira egamba (**Subuhanaka llahuma Wabihamdika Watabaraka isimuka, Wa taala jadduka Wala ilaaha ghayiruka**), oluvannyuma n'agamba (A **uudhu billaahi mina shayitwaani rrajiim**) ne (**Bismillaahi rrahmaani rrahiim**), bw'amala asoma surat Alfatiha: {**Al-Hamdulillaahi rabbil alamiin, Arrahmaani rrahiim, maaliki yawumi ddiini, iyyaaka naabudu wa iyyaaka nasta een, ihdina swiraatwa almustakiim, swiraatwa lladhiina an-amta- alaihim ghairil mag dhuubi alayim wala dhaalin, aamiin**}.

Nga amaze okusoma Alfatiha, asoma kyonna ky'asobodde mu Qurani.

(7).**Oluvannyuma akutama ku maviivige nga bw'ayogera nti "Allahu Akbar".**



Ekyo akikola nga bw'asitula e mikonogye gyombiriri naakutama ku maviivi naateeka emikonogye ku maviivige naabanga agakutte, era ayanjuluza e ngaloze n'agolola omugongogwe, olwonno n'agamba nti: "**Subuhaana Rabiyal**

**Adhwim**", era nga ebigambo ebyo abisoma emirundi esatu.

(**8**).Bwamala asitula omutwegwe ng'agamba nti: **Samia llahu liman Hamidahu**, bw'atereera bulungi nga ayimiridde agamba nti: **Rabbana walakal Hamdu**, Hamdan Kathiira Twayyiban Mubaarakan Fiihi Mil-assamawaati Wa Mil-amaa Shiita Min Shyin Ba-adahu. Omuntu asaalira emabega wa Imaamu yye bwasitula omutwegwe okuva ku maviivi tagamba Samia llahu liman Hamidahu, wabula agamba nti: "Rabbana Walakal Hamdu" awo nayongerezaako ebiddako nga bwe tubirabye.



(**9**). Oluvannyuma agenda wansi n'avunnama ku ttaka nga bwaleeta Takibira nga e mikonogye tagissa ku mbiriizi, n'olubuto lwe talussa ku bisambibye, ate n'ebisambi abijja ku ntumbweze, ebibatubye abyenkanyankanya n'ebibegabegabye, atuulira ku busongezo bw'ebigerebye, ennwe z'ebigerebye n'ezengalo biba byolekedde ekibula olwo nno n'agamba nti: "**Subhaana Rabbiyal A-ala**". Abyogera emirundi esatu naye nga asobola n'okwongerako n'asussa kw'esatu, era nga asobola okusaba ng'akozesa edduwa ezaava ku Nabbi Muhammadi (S.a.w).



- ❖ Si kirungi kwalirira mikono gyonna ku ttaka mu kuvunnama ng'ebisolo bwebituula.
- ❖ Okugaziwa kuba kulungi singa tekiyisa bubi bamuliraanye era asobola okwesigamya enkokolaze ku bisambibye singa okuvunnama ku maviivi kuba kuwanvuye.
- ❖ Okuvunnama kuteekwa kubeera ku biyungo musanvu: Ennwe z'ebigere, amaviivi, e bibatu, ekyenyi n'ennyindo.
- ❖ E sswala efa singa omuntu aleka mu bugenderevu okuvunnama ku bimu ku biyungo ebyo.

(10).**Asitula wansi omutwegwe n'atuula nga bwayogera takbiira**. Era kino kye bayita okutuula wakati w'envunnama ebbiri era nakwo: kwe kutuula ku kugulukwe okwa kkono naasimba okwaddyo naaweta ennwe z'ekigere ekyaddyo nga azolekeza e kibula, n'agamba nti: **Rabbig-fir-lii** akyogera emirundi esatu.



(11)**Oluvannyuma avunnama oluvunnama olw'okubiri.** Nga bwakoze mu lwasoose.

(12).**Oluvannyuma asitula omutwegwe nga bwaleeta Takbiira** n'asituka naddayo waggulu ng'asitukira ku bibatu by'ebigerebye, nasaala e raaka eyokubiri, n'asoma Alhamdu na kyonna ky'asobodde mu Qurani nga bweyakoze mu raaka esooka.

(13). **Bweba nga esswala ya raaka bbiri**.

Nga Swalat Alfajir, esswala ye Juma n'esswala ya Iddi. Atuula wansi ng'amaze okuvunnama oluvunnama olwokubiri, nasoma Tahiyaatu esembayo; kubanga

esswala eya raaka ebbiri ebeera na Tahiyatu emu yokka, ateeka omukonogwe ogwa kkono ku kisambikye ekya kkono, n'ogwaddyo n'agussa ku kya ddyo, engaloze ku mukono gwa ddyo zonna azifunyako, n'alaza nengalo nvva mu mba, oba n'afunyako nnasswi n'egiddirira, ate kyala kisajja n'agiweta ng'engango ng'agikwasa ku yawakati olwo nno naasongeza nvva mu mba, oluvannyuma Attahiyaatu n'agamba nti:

**Attahiyaatu lillaahi wa sswalawaatu wattwayibaatu, Assalaam alayika ayyuha Nabiyyu warahmatullahi wabarakatuh, assalaamu alayina wa-alaa ibaadi llaahi swalihiin, Ash- hadu alla ilaaha illa Allah wa-ash-hadu anna Muhammada Abduhu wa Rasuluhu, Allahumma swalli, alaa Muhammadi wa-ala aali Muhammadi kama swallayita alaa Ibrahima, wa-ala aali Ibrahima, innaka Hamiidun Majiid, wa baarik alaa Muhammadi wa-ala aali Muhammadi kama baarakta ala Ibrahiima wa-ala aali Ibrahiima innaka Hamiidun Majiid.**

Omusaaze bwayagala akoma awo n'atoola ssalaamu, esswala awonno eba ewedde.

Wabula bwayagala ayongerako edduwa endala nga z'ajjibwa ku Nabbi Muhammadi ﷺ oba n'asaba kyonna eky'omugaso ekidda gyaali mu by'ensi ne eby'enkomerero, oluvannyuma atoola salaamu ku ludda lwe olwaddyo n'olwakkono nga bwayogera nti: "Assalaamu alaikum warahamatullah, Assalaamu alaikum warahmatullah".



**(14). Esswala bweba ya raaka satu oba Nnya.**

Eya raaka essatu nga Magarib, ey'ennya nga Dhuhuri, Aswiri ne Ishae, bw'asoma Tahiyatu n'atuuka ku kigambo **wa-ash hadu anna Mahammada Abuduhu wa Rasuuluhu**, ayimuka ng'aleeta takbiira n'asitula emikonogye n'asaala ebisigadde nga bwe yakoze mu raaka ezasoose, wabula tasoma mu lwatu mu raaka zino era asoma Alfatiha yokka tayongerako sura ndala, bwamala raaka eyokusatu bweba Magarib oba eyokuna bweba Dhuhuri, Aswiri ne Ishae ng'avudde ku luvunnama olwokubiri, asoma attahiyaatu nga bwe twagiwandiise waggulu n'agimalayo bulungi, oluvannyuma atoola salaamu namaliriza esswala nga bwe twannyonnyodde.

*Kiri sunna omuntu ng'ali mu Tahiyyaatu amaasoge agasse ku lugalo lwa nvva mumbalwe olwaddyo.



صفة الصلاة

**Tusaala tutya**

## Ebiri sunna oba ebikubirizibwa okwogera nga esswala ewedde

Ayogera ebigambo bino: **Allahumma anta salaam wa minka salaam tabaarakta ya dhaljalaal wal ikraam,** nga tannaba kukyuuka kutunuulira bantu be basaazizza bwaba nga ye Imaamu asaazizza abantu, oluvannyuma yenna amaze okusaala agenda mu maaso n'agamba: **"Laa ilaaha illa Allah wahdahu la shariika lahu, Lahul mulku wa lahul hamudu wa huwa ala kulli shaie kadiir, Allahumma laa mania lima a-atwayita wala mu-utiya lima ma-na-ata wala yanfau dhaljaddi minkal jaddu, La haula wa la kuwwata illa Billah, Laa ilaaha illa Allah wala na-abdu illa iyyaahu lahu nnie mati wa lahul fadhul wa lahu thanaaul hasana laa ilaaha illa Allah mukhliswiina lahu ddiina walawu karihal kafiruuna".**

Bwamala n'agamba nti: "**Subhaanallah, wal hamdulillah, wallahu Akbar"** emirundi (33).

Bwamala n'agamba nti: "**Laa ilaaha illa Allah wahdahu la shariika lahu, lahul mulku walahul hamdu wahuwa ala kulli shayi ee kadiir"** emirundi (100).

Bwamala asoma **Ayatul kursiyyu**, **kul huwa llahu Ahad**, **kul a uudhu birabbil falak ne kul a uudhu birabbi nnaas**. Kirungi okusoma essura zino emirundi esatu oluvannyuma lw'eswala ya fajir ne magaribi.

Ekisembayo, ebigambo bino ebisomebwa oluvannyuma lw'okusaala bya kyeyagalire, si byatteeka nti omusaaze alina okubisoma, wabula omuntu abisoma abifunamu empeera mu maaso ga Allah owekitiibwa.

Esswala mu lulimi kitegeeza **okusaba**, nga Allah bwe Yagamba:

قال تعالى: ﴿وَصَلِّ عَلَيْهِمْ﴾ [سورة التَّوْبَة ١٠٣].

“**Era basabire…**”

N’ekigambo kya Nabbi Muhammadi ﷺ ekigamba:

وقوله ﷺ من حديث أبي هريرة رضي الله عنه: «إِذَا دُعِيَ أَحَدُكُمْ فَلْيُجِبْ، فَإِنْ كَانَ صَائِماً فَلْيُصَلِّ، وَإِنْ كَانَ مُفْطِراً فَلْيَطْعَمْ» أخرجه مسلم.

“**Omu mu mmwe bw’ayitibwa eri ekijjulo kyonna, bwaba yasiibye amusabire ku dduwa ennungi, bwaba teyasiibye alye ku byokulya ne bwekaba katono**”. Kye ngyagadde mu Hadithi kye kigambo Sswala, wano kyakozesebwa okutegeeza okusaba, wabula nga si kusaala sswala.

**Esswala** mu nnamula z’eddiini y’obusiraamu: Kuba kusinza okulimu ebigambo n’ebikolwa nga etandika n’ekigambo **Allahu Akabar**, n’ekomekkereza ne Salaamu.

Esswala y’eyunga era n’egatta wakati w’omuddu n’omulezi we, ayolesa omuddu obugonvu, obwetowaze n’okwagala eri Omutonzi we, era y’empagi esinga obukulu oluvannyuma lwa Laa ilaaha illa Allah muhammdu Rasulu Allah (okwawula Allah mu bw’omu bwe nga tagattibwaako kirala kyonna, n’okukakasa nti Muhammad mubaka wa Allah), olwokuba ereeta ekitangaala n’okutebenkera mu mutima gw’omuntu, era omuntu agye kwaatako emuziyiza okugwa mu bwonoonefu bungi, era Allah Asangula ku nnannyini kwekwata ku sswala ebyonoono bingi kuye.

Ab’oluganda mu busiraamu tulina esswala taano ezikakata ku buli musiraamu yenna omusajja n’omukazi okuzisaala, tulina esswala endala naye zo sizatteeka mu busiraamu, wabula esswala ettaano ze zetteeka mu ddiini yaffe ku buli musiraamu yenna, esswala ezo z’ezino wammanga wamu n’ebiseera byazo nga bwe ziddiringana musengeka yazo:

1. **Esswala ya Fajir oba Subuhi**: Ya Raaka bbiri, Esswa eno etandika kumakya nga emmambya esaze kuggulu n'erabika, ate ekiseera kyayo ne kigwako nga enjuba evuddeyo ku ggulu ku ludda lwayo olw'ebuvanjuba; olwa Hadiithi ya Abdallah Amuru, omuli ekigambo kya Nabbi Muhammadi ﷺ ekigamba:

لحديث عبد الله بن عمرو رضي الله عنهما، وفيه قوله ﷺ: «وَوَقْتُ صَلَاةِ اَلصُّبْحِ مِنْ طُلُوعِ اَلْفَجْرِ مَا لَمْ تَطْلُعْ اَلشَّمْسُ» رواه مسلم.

"**N'ekiseera kya Subuhi kitandika okuva emmambya lwesala okutuusa enjuba lwe vaayo**". N'obudde obuli wakati w'emmambya lwesalira kuggulu okutuusa enjuba bwe vaayo, bwenkanankana ne saawa emu ne dakiika nga 15, oba saawa emu ne kitundu, oba okwawukanako n'ekyo katono, okusinziira embeera y'obudde bweri okuva mu bifo eby'enjawulo munsi yonna.

2. **Esswala ya Dhuhuri:** Ya raaka nnya. Etandika okuva enjuba lwe kyuuka okuyita mu makkati ge ggulu, n'edda ku ludda enjuba gyegwiira, ate ekiseera kyayo kikoma kasita ekisikirize kye kintu kyonna kyenkanankana n'ekintu ekyo mu buwanvu. Kitegeeza ekisikirize bwe kyenkanankana n'ekintu ekyo oba omuntu oyo, Dhuhuri eba eweddeko nga Aswiri eyingiddewo.

Nabbi Muhammadi ﷺ yagamba mu Hadiithi ya Abdallah Amuru Allah Yasiima ku ye:

لحديث عبدالله بن عمرو رضي الله عنهما، وفيه قوله ﷺ: «وَقْتُ اَلظُّهْرِ إِذَا زَالَتْ اَلشَّمْسُ، وَكَانَ ظِلُّ اَلرَّجُلِ كَطُولِهِ» رواه مسلم.

"**Ekiseera kya Dhuhuri, enjuba kasita ekyuuka, ate nekoma nga ekisikirize ky'omuntu yenna kyenkanyenkanye n'obuwanvu bwe**".

3. **Esswala ya Aswiri**: Ya raaka nnya, ekiseera kyayo kitandika amangu ddala nga Dhuhuri eweddeko, (amakulu kasita ekisikirize ky'omuntu yenna kyenkanankana n'obuwanvu bwe), awonno ne kiggwaako ekiseera kyayo nga enjuba tennaba kufuuka ya kyenvu, olw'ekigambo

kya Nabbi ﷺ mu Hadiithi ya Abdallah Amuru ekigamba:

لحديث عبدالله بن عمرو رضي الله عنهما، وفيه قوله ﷺ: «وَوَقْتُ اَلْعَصْرِ مَا لَمْ تَصْفَرَّ اَلشَّمْسُ» رواه مسلم.

**"N'ekiseera kya Aswiri kiggwaako enjuba nga tennaba kufuuka ya kyenvu".**

4. **Esswala ya Maghribi**: Ya raaka satu, ekiseera kyayo kitandika nga enjuba egoloobye n'eggweerayo yonna; kubanga oluusi esobola okubulira ku bizimbe, oba kunsozi, abamu ne balowooza enjuba egoloobye, sso nga tennaba, era kino ky'ekiseera kyennyini omusiibi ky'asiibulukukirako, ate n'ekiggwaako nga ebire ebimyuufu bivudde ku ggulu. Kino omuntu tasobola ku kimanya okujjako ng'atunudde ku ggulu ne yetegereza bulungi nti ebire ebimyuufu bye bivuddeko, sso si bire byeeru.
5. **Esswala ya Ishae**: Ya raaka nnya, ekiseera kyayo kitandikirawo nga Magaribi eweddeko, n'ekigendera ddala mpaka ku kitundu ky'ekiro ekisooka; olw'ekigambo kya Nabbi ﷺ mu Hadiithi ya Abdallah Amuru ekigamba:

لحديث عبدالله بن عمرو رضي الله عنهما، وفيه قوله ﷺ: «وَوَقْتُ الْعِشَاءِ إِلَى نِصْفِ اللَّيْلِ» رواه مسلم.

**"N'ekiseera kya Ishae kikoma ku kitundu ky'ekiro".**

**NB:** Ebiseera by'esswala ku mulembe guno biwewuseemu okubimanya bwe tugerageranya amakubo abantu b'ebyaasa ebyakulembera ge baakozesanga, mu mbeera yonna obuddo mu kumanya ebiseera bino eby'esswala kwali kukozesa makubo getunnyonnyodde waggulu okuva ku sswala esooka mpaka ku yo kutaano, naye kati Omwaziinyi atunula ku saawa n'amanya obudde bw'esswala, essaawa z'esswala mu bifo bingi munsi yonna bikyuuka okusinziira embeera y'obudde bweba eri munsi eyo.

**Ekyokulabirako**: Esswala yo kumakya Fajir, e Uganda emmambya eyinza okusala ku ggulu saawa kkumi nemu ne ddakiika ana ezokumanya (5:40 am), ate nga e Kenya oba e Saudi Arabiya nga emmambya esala kkumi nemu

zennyini (5:00am). Wano nno omusiramu alina okwetegereza ennyo naddala nga ekifo kyalimu tekiriimu basiraamu bangi okulaba nti esswala mu kifo kyalimu agisaala mu kiseera kyayo ekituufu.

Mu ngeri endala ey'okumanyaamu ebiseera by'esswala ku mulembe guno, gemasimu gaffe ag'okuseereza (touch screen phones), ayagala okukozesa ekkubo lino alina okussa app (applications) ez'enjawulo entuufu, okugeza nga gye bayita **Vmuslim** (The Best Islamic App), **my prayers,** ziraga esswala ettaano n'ebiseera byazo mukifo ky'alimu omuntu munsi yonna, era n'eraga omuntu gy'atunula nga agenda okusaala; kubanga nekino kyatteeka eri omusaaze okumanya wa gy'atunula mu sswala mu kifo kyaaba alimu nga bwe tujja okukyogerako mu kitabo kyaffe kino.

App zino zirina n'ebirala by'eziyigiriza, wabula nzigyeemu ebikulu ebikwaata ku sswala ettaano.

## Esswala y'alaalikibwa ddi ku basiraamu era mukifo ki?

Esswala ettaano z'alaalikibwa Oluberyeberye nga Nabbi Muhammadi ﷺ tannaba kusenga Madinah mu kiro kye yalinnyisibwa okugenda mu ggulu.

Allah ow'ekitiibwa Ya zimulaalikako Nabbi ﷺ nga omuwendo gwazo okusookera ddala guli amakumi ataano (50) buli lunaku emisana n'ekiro, Nabbi Muhammadi ﷺ n'azikkiriza nga mugonvu eri Katonda we kyamuwadde, era nga mwetegefu okukiteeka munkola wamu n'ekibiina kye, era yye mukulembeze wa bantu bonna, okuteeka munkola ky'aweereddwa, kitegeeza kibiina kye kuteeka munkola.

Oluvannyuma Nabbi ﷺ yasisinkana Nabbi Musa mutabani wa Imrani ebyengera n'emirembe bibeere ku ye- mu ggulu eryomukaaga, Nabbi Musa n'amubuuza: **Katonda wo ki ky'awadde (ky'alaalise) abantu b'ekibiina kyo? Nabbi Muhammadi (s.a.w) n'amuddamu: "Esswala amakumi ataano buli lunaku" Nabbi Musa n'amugamba: "Ab'ekibiina kyo tebajja kuzisobola, mazima nze nagezesa Abaisraili nembategeera, Ky'oba okola dayo ewa Katonda wo omusabe Akukenderezeeko ku sswala ezo". Nabbi Muhammadi n'agamba: (N'enzirayo ewa Katonda wange ne mmusaba Ankendereze ku kibiina kyange Nanzigirako esswala kkumi, era ssaalekayo kuddinngana wakati wa Allah Wange ne Musa nga Ansalirako ttaano ttaano okutuusa bwe nnaweebwa esswala ttaano ezetteeka buli lunaku emisana n'ekiro", Omukoowooze**

**Yakoowoola nti: Nzikirizza era Nkeedeereza Abaddu Bange.** Ekyaafaayo kino okisanga mu bitabo bya Bukhari ne Muslim mu Hadiithi ya Anasi mutabani wa Maalik.

## Obukulu bw'esswala mu ddiini y'obusiraamu

Mazima esswala erina obukulu obwa waggulu mu busiraamu, y'emu kumpagi ettaano ez'obusiraam, era y'empagi esinga obukulu oluvannyuma lwa Shahada ya Laa ilaaha illa Allah Muhammada Rasulullah, ekiraga obukulu bwayo bye bino wammanga:

**1.** Esswala mpagi nkulu nnyo mu busiraamu, era eri ku ddaala lya kubiri munsengeka y'empagi z'obusiraamu; kubanga empagi egisooka ye shahada y'obusiraamu, (amakulu okukkiriza nti tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah n'okukkiriza Nabb Muhammadi ﷺ nti mubaka wa Allah.

**2.** Mazima esswala Nkondo eyimirizaawo obusiraamu, olwa Hadiithi ya Nabbi ﷺ egamba:

لقوله ﷺ: «رَأْسُ الْأَمْرِ الإِسْلَامُ، وَعَمُودُهُ الصَّلَاةُ، وَذِرْوَةُ سَنَامِهِ الْجِهَادُ» رواه الترمذي.

"**Omutwe n'omulamwa omukulu ogw'eddiini Nabbi (s.a.w) gwe yajja nagwo bwe busiraamu, ate enkondo enayimirizaawo obusiraamu buno ye sswala, ate ekisinga okuba waggulu nga kyolesa obusiraamu ne kigambo Laa ilaaha illa Allah, kwe kulwana mu kkubo lya Allah**". Hadiithi ya yogerwa Tirimithi.

**3.** Y'empagi ey'eyawulidde mu mpagi z'obusiraamu ng'ojjeeko Sahada ya Laa ilaaha illa Allah Muhammada Rasululllah, ng'agireka yonna, naaba nga tasaalirako ddala, ab'avudde mu busiraamu. Kino tetukyogera baganda bange mu mbeera y'akutiisa, oba kusika bantu bagisaale kyokka, wabula twesigamira ku bujulizi okuva mu Qur'ani ne Hadiithi za Nabbi Muhammadi ﷺ n'ebigambo byaaba Swahaba Allah Yasiima kubo nga bwe tunatangaaza ensonga eno mu maaso. Naye empagi ezisigadde omuli e Zakat, okusiiba omwezi gwa Ramadhani n'okukola Hijjah, zo tezijja muntu mu busiramu ebbanga ly'amala ng'akakasa okulaalikibwa kwazo. Kino kiraga obukulu bwe sswala, era yo tegwaanibwa muntu ategeera omukkiriza okugiragajjalira oba

okugyesambira ddala obugenderevu n'obugenderevu.

4. Yo esswala Allah Yagiraalikira mu bimu ku biro ebisinga obulungi ku Nabbi Muhammadi ebyengera n'emirembe bibeere ku ye, era kye twogeddeko waggulu Nabbi ﷺ bwe yalinnyisibwa mu ggulu n'atuuka ne kuggulu lyomusanvu Allah gye yamuweera esswala ettaano.

5. Allah Yagiraalika ku Nabbi Muhammadi ﷺ nga tewali agimutuusizzaako, wabula Nabbi ﷺ kennyini ye yagyekimira ewa Mukama we; kubanga amateeka amangi gakkanga ku Nabbi ﷺ nga Malayika Jibril y'agamutuusizzaako okuva ewa Allah.

6. Mazima Allah Yateeka ku sswala akakwakkulizo k'okumala okweyonja n'okunaaba ku muntu alina ekizuusi ekinene n'ekitono, n'okujjawo obukyaafu ku mubiri ne kungoye wamu ne mukifo aw'okusaalira, byonna okuba nga bitukula era nga biyonjo. N'ensonga endala nyingi eziraga obukulu bw'esswala.

## Obulungi bw'esswala n'emigaso gyayo

Obujulizi bungi okuva mu qur'ani ne Sunna bwajja nga bulaga obulungi bw'esswala n'okugyekumirako nga butwagazisa esswala eno wamu n'okugyekwaatako. Mu kitabo Qur'ani Allah agamba bwati:

قال الله تعالى: ﴿قَدۡ أَفۡلَحَ ٱلۡمُؤۡمِنُونَ ١ ٱلَّذِينَ هُمۡ فِي صَلَاتِهِمۡ خَٰشِعُونَ ٢ وَٱلَّذِينَ هُمۡ عَلَىٰ صَلَوَٰتِهِمۡ يُحَافِظُونَ ٩ أُوْلَٰٓئِكَ هُمُ ٱلۡوَٰرِثُونَ ١٠ ٱلَّذِينَ يَرِثُونَ ٱلۡفِرۡدَوۡسَ هُمۡ فِيهَا خَٰلِدُونَ ١١﴾ [سورة المؤمنون ١ - ١١].

"**Mazima ddala beesiimye abakkiriza,**1 **Abo bo mu kusaala kwabwe (ababa) nga beewombeefu,**2 " mpaka ku "**Era be bo abakuuma okutuukiriza esswala zaabwe,** 9 **Abo bo be balisikira** 10 **Abo abalisikira Al-Firdausi (Ejjana Firdausi). Bo ba kutuula bugenderevu mu yo** 11"

Allah mw'eno essuula Yatandika n'ebitendo by'abantu abakozi b'emirimu emirungi, n'atandika n'abanyiikivu mu kusaala esswala era n'abakomekkereza ku nkomerero ng'abasuuta, kino nno kiraga ebirungi ebiri mu kusaala nga bisukkuluma emirimu gyonna.

Swahaba ayitibwa Abdallah Bun Masood Allah Yasiima ku ye- y'agamba:

وعن عبدالله بن مسعود رضي الله عنه قال: «سألت النبي ﷺ أيُّ العَمَلِ أحَبُّ إلى اللَّهِ؟ قالَ: الصَّلاةُ لوقْتِها، قال قلت: ثُمَّ أيٌّ؟ قالَ: بِرُّ الوالِدَيْنِ، قالَ قلت: ثُمَّ أيٌّ؟ قالَ: الجِهادُ في سَبيلِ اللَّهِ» رواه البخاري ومسلم.

**"Nabuuza Nabbi ﷺ ku mulimu ogusinga okwagalwa ewa Allah? Omubaka wa Allah ﷺ n'amwanukula nti: "Kusaala sswala ttaano mu biseera byazo ebigereke", nemmubuuza mulimu ki oguddako? N'amwanukula nti: "Kuyisa bulungi abazadde ababiri", nemmubuuza mulimu ki oguddako? N'amwanukula nti: kulwaan mu kkubo lya Allah".**

## Emigaso gye tufuna mu kusaala

**1.** Esswala etebenkeza omutima gw'omuntu; ky'ova olaba Nabbi ﷺ yali agambanga:

ولذلك كان النبي ﷺ يقول: «حُبِّبَ إلَيَّ مِن دُنياكم: النِّساءُ والطِّيبُ، وجُعِلَتْ قُرَّةُ عيني في الصَّلاةِ» رواه النسائي والبيهقي وصححه الألباني.

**"Nayagazisibwa munsi yammwe ebintu bibiri: Abakyaala ne Kalifuuwa, ate nenfuulirwa esswala ekitebenkeza omutima gwange".** Era Nabbi ﷺ y'agambanga:

ولذلك كان النبي ﷺ يقول: «يَا بِلَالُ أَقِمِ الصَّلَاةَ أَرِحْنَا بِهَا» رواه أبو داود وصححه الألباني.

**"Owange Bilaal kima esswala otutebenkeze nayo".**

Esswala ab'oluganda kujjukira Allah, ate mu kumujjukira emitima gyaffe gitebenkera ne gikkakkana eri Omutonzi; kubanga Omusaaze aba ayimiridde mu maaso ga Katonda we ng'akkakkanye gyaali okumutendereza, okumugulumiza n'okusoma ekitabo kye Qur'ani wamu n'okumusaba ebyetaago ebyenjawulo.

**2.**Eziyiza obwonoonefu n'empisa embi omuntu bw'agisaala mungeri entuufu Nabbi Muhammadi gye yayigiriza, Allah Yagamba mu Qur'ani:

قال الله تعالى: ﴿إِنَّ ٱلصَّلَوٰةَ تَنۡهَىٰ عَنِ ٱلۡفَحۡشَآءِ وَٱلۡمُنكَرِ...﴾ [سورة العَنكَبُوت ٤٥]

**"Mazima esswala eziyiza (oyo agisaala) okukola eby'obuwemu n'ebitayagalwa (mu ddiini)."** Olw'ekyo ekituuka ku mutima gw'omuntu abeera mu kusaala nga

mugonvu eri Katonda we, omuntu ono buli lwajjirwa ekirowoozo ekibi eky'okwonoona oba empisa embi yonna, ajjukira akakwate akali wakati we ne Katonda we, n'aleka ekintu ekyo.

**3.** Esswala eno eyamba omuntu ku kwe kwaata ku ddiini ye n'okumala ebyetaago ebyenjawulo eby'ensi, Allah Yagamba:

قال الله تعالى: ﴿وَٱسْتَعِينُواْ بِٱلصَّبْرِ وَٱلصَّلَوٰةِ...﴾ [سورة البَقَرَة ٤٥].

"**Mweyambisenga okugumiikiriza n'okusaala (nga munoonya obuyambi okuva eri Katonda)**..." Nabbi waffe Muhammadi ﷺ buli bwe yajjirwanga ekimunakuwaza, obuddo bwe bwaali kusaala.

**4.** Empeera ennene, n'ebirungi ebingi Allah bye Ya teeka ku sswala, Nabbi ﷺ yagamba:

قال النبي ﷺ: «خَمْسُ صَلَوَاتٍ كَتَبَهُنَّ اللَّهُ عَزَّ وَجَلَّ عَلَى الْعِبَادِ فَمَنْ جَاءَ بِهِنَّ لَمْ يُضَيِّعْ مِنْهُنَّ شَيْئًا اسْتِخْفَافًا بِحَقِّهِنَّ كَانَ لَهُ عِنْدَ اللَّهِ عَهْدٌ أَنْ يُدْخِلَهُ الْجَنَّةَ...» رواه أبو داود والنسائي وصححه الألباني.

"**Esswala ttaano Allah Yaziraalika ku baddu be, yenna alijja nazo mu maaso ga Allah ku lunaku lw'enkomerero, nga teyaziragajjalira wadde esswala emu, wadde okuzikkakkanya (gamba nga okusaala ezimu endala n'azireka, oba okukeereya ebiseera byazo), ewa Katonda we alina endagaano ey'okumuyingiza Ejjana ey'ekitiibya**".

**5.** Mazima zo zisangulawo amazambi amatono ku muntu azekwaatako, Hadiithi nga eva ku Swahaba Abu Hurairah Allah Yasiima ku ye- yawulira Omubaka wa Allah nga agamba:

عن أبي هريرة رضي الله عنه أنه سمع رسول الله ﷺ يقول: «أرأيْتُمْ لَوْ أَنَّ نَهْرًا بِبابِ أَحَدِكم يغْتَسِلُ مِنْه كُلَّ يَوْمٍ خَمْس مرَّاتٍ، هلْ يبْقى مِنْ دَرَنِهِ شَيْءٌ؟ قالُوا: لا يبْقَى مِنْ درنِهِ شَيْء، قَال: فذلكَ مَثَلُ الصَّلَواتِ الخَمْسِ، يمْحُو اللَّه بهِنَّ الخطَايا» رواه البخاري ومسلم.

"**Mulaba mutya singa omugga guli ku mulyango gw'omu mu mmwe, ng'agunaabamu buli lunaku emirundi etaano, abaffe asigalako ekko lyonna ku mubiri gwe? Ne baanukula ba Swahaba nti: Tasigalako kko wadde akatono ku mubiri gwe, N'abagamba: Ekyo nno kyefanaanyirizaako esswala ettaano, Allah asangula ku muntu azekwaatako**

**amazambi gonna amatono**".

**6**.Ekituukawo ku kukungaana mu sswala ya jama, abasiraamu ba kunngaana mu kifo kimu, ne basomesebwa wamu n'okubajjukiza ebikwaata ku ddiini yabwe, n'ekiva mwekyo kwe kumanyagana wakati wabwe n'omukwaano ogwa sseruganda.

**7**.Esswala kakwaate akali wakati w'omusaaze n'Omutonzi we, bw'ayimirira mu sswala ye, Allah amukyuukira n'Ekyenyi kye, {Omusaaze bw'atuuka awagamba nti: "**Alhamdu lillahi Rabbil aalamiin**" Allah Amuddamu: Omuddu wange antenderezza. Ate bw'agamba nti: "**Arrah-maani rrahiim**"Allah amuddamu: Omuddu wange ansukulumizza. Ate bw'agamba nti: "**Maalik yaumi ddiin**" Allah amuddamu nti: Omuddu wange angulumizza. Ate bw'agamba nti: "**Iyyaakana-abudu wa iyaaka nasta een**" Allah amuddamu nti: Ekyo kiri wakati wange n'omuddu wange akyogedde. Ate bw'agamba nti: "**Ihdina sswiraatal mustakiim**" Allah amuddamu: Ekyo kya muddu wange era omuddu wange aweebwa ekyo ky'asabye. Ebigambo bino bisangibwa mu kitabo kya Muslim.

Ow'oluganda omulungi, oyinza okufunayo akakwate ak'amaanyi nga kano ak'Omutonzi wo nga akwanukula ku ky'osoma mu sswala, ay'ati ku ay'ati ng'ali waggulu ku Nnamulondo ye, ng'ate gwe oli wano kunsi, Abaffe ofaayo ku sswalayo mu kugisaala mu butuufu bwayo!

Bye tunokoddeyo mu birungi bye tufuna mu sswala, bye bitono ku bingi ennyo bye tuleseeyo, wabula kinakuwaza nnyo abantu abamu mu basiraamu baffe obutamanya buzito na bukulu bwa sswala ttaano, ne beesuulirayo gwannaggamba, okutuuka okufuula esswala zino okuba mu mirimu gye baasenguka ezitalina makulu mu bulamu bwabwe. Tusaba Allah Atulage ekkubo eggolokofu.

## Okwewaza okulagajjalira Esswala.

Oluvannyuma lw'okulaba obulungi bwe sswala n'emigaso gyayo, tukimanye nti ate okugireka oba okugiragajjalira kivaamu akabi akanene n'okkuba ekituli mu busiraamu bw'omuntu, n'olwensonga eyo, Allah ow'ekitiibwa n'Omubaka we ﷺ beekesa okulagajjalira esswala ettaano, ne bateekawo n'ebibonerezo eby'amaanyi ku muntu agwa mu mbeera eno.

Allah Yagamba:

قال الله تعالى: ﴿فَوَيْلٌ لِّلْمُصَلِّينَ ۝٤ ٱلَّذِينَ هُمْ عَن صَلَاتِهِمْ سَاهُونَ ۝٥﴾ [سورة الماعون ٤ - ٥]

**Okubonaabona kuli kw'abo abasaala. Abo bo abalagajjalira Esswala zaabwe"(obutazisaalira mu biseera byazo oba obutatuukiriza mpagi zaazo"**

وقال الله تعالى: ﴿فَخَلَفَ مِنۢ بَعۡدِهِمۡ خَلۡفٌ أَضَاعُواْ ٱلصَّلَوٰةَ وَٱتَّبَعُواْ ٱلشَّهَوَٰتِۖ فَسَوۡفَ يَلۡقَوۡنَ غَيًّا ۝٥٩ إِلَّا مَن تَابَ وَءَامَنَ وَعَمِلَ صَٰلِحٗا فَأُوْلَٰٓئِكَ يَدۡخُلُونَ ٱلۡجَنَّةَ وَلَا يُظۡلَمُونَ شَيۡـٔٗا ۝٦٠﴾ [سورة مَرْيَم ٥٩ - ٦٠].

**"Ne baddirwa mu bigere oluvannyuma lwabwe abasika (ababi) abaalagajjalira esswala. Ne bagoberera eby'obwagazi. Kyaddaaki balisuulwa mu (lusenyi lw'omuliro) babonerezebwe (ku lw'ebibi byabwe)** 59 **Okujjako oyo aba yeenenyezza n'akkiriza n'akola emirimu emirongoofu. Abo ba kuyingira Jjana (Ennyumba Ey'emirembe), era tebaliryazaamaanyizibwa kintu kyonna"**

وقال تعالى في وصف المنافقين: ﴿إِنَّ ٱلۡمُنَٰفِقِينَ يُخَٰدِعُونَ ٱللَّهَ وَهُوَ خَٰدِعُهُمۡ وَإِذَا قَامُوٓاْ إِلَى ٱلصَّلَوٰةِ قَامُواْ كُسَالَىٰ يُرَآءُونَ ٱلنَّاسَ وَلَا يَذۡكُرُونَ ٱللَّهَ إِلَّا قَلِيلٗا ۝١٤٢﴾

[سورة النِّسَاء ١٤٢].

Allah Yatenda obubi bw'abannanfuusi n'agamba nti:

**"Mazima abannanfuusi bakwenyakwenya Katonda, wabula naye wa Kubakwenyakwenya. Bwe baba nga bayimiridde okusaala; bayimirira nga bagayaavu lwa kweraga bantu, era tebajjukira ku Katonda okujjako akatono ennyo"**

وقال تعالى عن أهل النار وقد سئلوا: ﴿مَا سَلَكَكُمۡ فِي سَقَرَ ٤٢ قَالُواْ لَمۡ نَكُ مِنَ
ٱلۡمُصَلِّينَ ٤٣ وَلَمۡ نَكُ نُطۡعِمُ ٱلۡمِسۡكِينَ ٤٤ وَكُنَّا نَخُوضُ مَعَ ٱلۡخَآئِضِينَ ٤٥ وَكُنَّا
نُكَذِّبُ بِيَوۡمِ ٱلدِّينِ ٤٦ حَتَّىٰٓ أَتَىٰنَا ٱلۡيَقِينُ ٤٧﴾ [سورة المُدَّثِّر ٤٢ - ٤٧].

Allah Alibuuza abantu abali beera mu muliro sakaru nti:

“**Kiki ekyabayingiza omuliro Sakaru**? 42 (**Baliddamu**) **ne bagamba nti: Tetwalinga mu basaala sswala ttaano**; 43 **Era tetwalinga mu baliisa banaku.** 44 **Wabula twalinga twenyigira mu bigambo ebitali bituufu awamu n’abo abaabyenyigirangamu;** 45 **Era twali tulimbisa** (**okubaawo**) **kw’Olunaku Lw’okusasulwa**, **Okutuusa Ekikakafu lwe kyatujjira** (**Essaawa y’okufa ne tufa**).”

Era Nabbi waffe Muhammadi ﷺ yatutegeeza nti omuntu alagajjalira esswala zino etaano, tagenda kuba na kitangaala, n’obulunngamu, wadde okuwona ku lunaku lw’enkomerero, era ajja ku kuzuukira wamu n’abantu abaali ababi ennyo mu bugyeemu, omuli Fir’auna, Hamaana, Karuuna ne Ubayyi bun Khalaf.

Ab’oluganda tutye Omutonzi waffe eyatutonda nga tuyimirizaawo esswala ttaano, era tuziwangaalireko buli lunaku mu biseera byazo, tuzagazise n’abaana baffe ewaka; kubanga Nabbi ﷺ y’atugamba:

«مُرُوا أَوْلَادَكُمْ بِالصَّلَاةِ وَهُمْ أَبْنَاءُ سَبْعِ سِنِينَ، وَاضْرِبُوهُمْ عَلَيْهَا، وَهُمْ أَبْنَاءُ عَشْرٍ...» أخرجه أبو داود وصححه الألباني.

“**Mulagire abaana ba mmwe okutandika okusaala nga bawezezza emyaka musanvu, era mu bakubemu ku buggo nga bagaanye bwe baweza emyaka kkumi…**”

Ani muffe eyeekwaata ku buvunanyizibwa buno Omubaka wa Allah ﷺ bwe yamukwaasa? Abantu abasinga obungi ku kino bagayaavu nnyo, atenno ekyeewuunyisa, mu kufaayo okukunngaanya emmaali n’ebyobugagga by’ensi balulunkanyi nnyo okusinga okufaayo ku baana babwe ebibafaako ewaka, ku ddiini yabwe n’empisa endala. Nabbi ﷺ yatugamba:

«إِذَا مَاتَ الإِنْسانُ انْقَطَعَ عنه عَمَلُهُ إلّا مِن ثَلاثَةٍ: إلّا مِن صَدَقَةٍ جارِيَةٍ، أوْ عِلْمٍ يُنْتَفَعُ بِهِ، أوْ وَلَدٍ صالِحٍ يَدْعُو لَهُ» رَوَاهُ مُسْلِمٌ.

**"Omuntu bwaafa naava mu bulamu bw'ensi, emirimu gye gyonna gikutukawo okujjako emirimu esatu: Saddaaka ekulukuta (gamba nga okuzimba omuzikiti), okumanya okw'omugaso, oba okuleka omwana omulongoofu akusabira ku dduwa"**

Na bwe kityo nkowoola abantu bonna okutya ennyo obuvunaanyizibwa buno, n'okugezeeko okukuliza abaana baffe ku ddiini n'empisa ennungi na ddala esswala ettaano, tusaba Allah Atulunngamye ku kkubo eggolofu.

## Omuntu aleka Esswala ettaano alamulwa atya?

Omuntu atasaala wa ngeri bbiri:

**Esooka**: Kwe kuwakanya okulaalikibwa kw'esswala etaano nti teziriiyo mu busiraamu, Allah teyazituwandiikako, abamanyi b'obusiraamu bonna beegatta wamu nti omuntu ono si musiraamu era buno bukaafiiri bwennyini; kubanga kuba kuwakanya na kulimbisa Allah n'Omubaka we ﷺ n'abakkiriza okutwalira awamu: Allah Ow'ekitiibwa Y'atugamba:

قال تعالى: ﴿وَمَن يُشَاقِقِ ٱلرَّسُولَ مِنۢ بَعۡدِ مَا تَبَيَّنَ لَهُ ٱلۡهُدَىٰ وَيَتَّبِعۡ غَيۡرَ سَبِيلِ ٱلۡمُؤۡمِنِينَ نُوَلِّهِۦ مَا تَوَلَّىٰ وَنُصۡلِهِۦ جَهَنَّمَۖ وَسَآءَتۡ مَصِيرًا ١١٥﴾ [سورة النِّسَاء١١٥].

**"N'omuntu an'awakanya Omubaka oluvannyuma lw'okumweraga n'okumweyolekera obulunngamu, ate n'agoberera ekkubo eritali lya bakkiriza, Tumuleka n'ekyo ky'agoberedde mu bugenderevu, ne Tumusogga omuliro ogwokya ennyo (Jahannama) - N'obwo bwe buddo obusinga obubi."**

Okujjako ng'awakanya lwa butamanya, awonno asomesebwa n'ategeera okulamulwa kw'etteeka eryo.

**Eyokubiri**: Kwe kuleka esswala zino olw'obugayaavu n'obutafaayo naye nga akkiriza okulaalikibwa kwazo mu busiraamu era nga akkiriza obwetteeka bwazo nga bwezirina okusaalibwa, omuntu ono tugenda mu maaso okumukoowoola okutegeera obukulu bw'esswala nga tukozesa amakubo amalungi, wabula si kumukambuwalira wadde okuvvoola ekitiibwa kye; kubanga kino kijja ku mwongerayo butasaala. Omuntu ono bw'agenda mu maaso n'obutasaala, wano abamanyi baffe ab'obusiraamu baagaziwa mu nsonga eno ne bavaamu ebigambo bibiri:

1. Ekigambo ekisooka kye ky'abamanyi abagamba nti omuntu atasaala mu mbeera yonna si musiraamu era aweebwa kibonerezo kya kuttibwa eky'okuva mu busiraamu ne bw'aleka esswala emu yokka nga omumanyi Ibun Baz bwe yagenda n'ekigambo ekyo, obujulizi bwabwe kunsonga eno ky'ekigambo kya Allah ekigamba:

قال تعالى: ﴿فَإِن تَابُواْ وَأَقَامُواْ ٱلصَّلَوٰةَ وَءَاتَوُاْ ٱلزَّكَوٰةَ فَإِخۡوَٰنُكُمۡ فِي ٱلدِّينِۗ وَنُفَصِّلُ ٱلۡأٓيَٰتِ لِقَوۡمٖ يَعۡلَمُونَ ١١﴾ [سورة التَّوۡبَة ١١].

"**Naye bwe beenenya ewa Katonda (ne bayatula Shahada ebbiri ez'obusiraamu) ne bayimirizaawo esswala ne bawa ne zzakati, olwo baba baganda bammwe mu ddiini. Era Tunnyonnyola Obubonero Bwaffe eri ekibiina ekitegeera.**"

Ayati eno eyogera ku bantu abatakkiriza Allah n'Omubaka we nga bakola ebikolobero munsi eby'enjawulo, okwenenya kwabwe ewa Allah bintu bisatu bye balina okukola okubeera abasiraamu, n'okubeera baganda baffe mu ddiini, era bye bino wammanga:

(**a**). Okwatula Shahada Ebbiri nti **Ash-hadu anLaa ilaaha illa Allah Wa-ash-hadu anna Muhammada Rasull Allah** (Tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah, ne Nabbi Muhammadi Mubaka we).

(**b**). Ekyokubiri: Balina okuyimirizaawo esswala ttaano buli lunaku mu biseera byazo.

(**c**).Ekyokusatu: Balina okutoola Zakati mu mmaali yabwe. Esswala neeba nga yateekebwaako akakwakkulizo ku muntu okuyitibwa ow'oluganda mu ddiini.

Obujulizi bw'abamanyi bano mu Hadiithi za Nabii ﷺ mulimu Hadiithi eva ku Buraidah bun Al-huswaib Allah Yasiima ku ye- yagamba Omubaka wa Allah ﷺ:

وفي حديث بريدة بن الحصين ﷺ، أن النبي ﷺ قال: «العَهدُ الَّذي بيننا وبينهم الصَّلاةُ، فمَن تركَها فَقد كَفرَ» أخرجه أهل السنن وصححه الألباني.

"**Enjawulo eri wakati waffe abasiraamu na Batali basiraamu y'esswala, yenna aleka esswala aba akaafuwadde**"

Nabbi Muhammadi ﷺ y'atugamba mu Hadiithi endala nti:

وقال ﷺ: «رَأْسُ الأَمْرِ الإِسْلاَمُ، وَعَمُودُهُ الصَّلاَةُ، وَذِرْوَةُ سَنَامِهِ الْجِهَادُ» أخرجه الترمذي.

"**Omutwe n'omulamwa omukulu ogw'eddiini Nabbi ﷺ gwe yajja nagwo bwe busiraamu, ate enkondo enayimirizaawo obusiraamu buno ye sswala, ate ekisinga okuba waggulu nga kyolesa obusiraamu ne kigambo Laa ilaaha illa Allah, kwe kulwana mu kkubo lya Allah**".

Abdallah bun Shakiik Allah Amusaasire (yasoma ku ba Swahaba) yagamba:

قال عبد الله بن شقيق رحمه الله تعالى: «كَانَ أَصْحَابُ مُحَمَّدٍ ﷺ لاَ يَرَوْنَ شَيْئًا مِنَ الأَعْمَالِ تَرْكُهُ كُفْرٌ غَيْرَ الصَّلاَةِ» أخرجه الترمذي.

"**Ba Swahaba ba Nabbi ﷺ baali tebalaba mulimu gulekebwa mu busiraamu nga gukaafuwaza okujjako Eswaala ettaano**"

Ekyo kiraga okwegatta kw'aba Swahaba nti omuntu atasaala si musiraamu.

Abamanyi b'obusiraamu atali omu b'ayogera okwegatta kw'abamanyi nti omuntu aleka esswala si musiraamu, mubo tulinamu Ishaak bun Rahwayhi, Ibun Hazmu Allah Abasaasire, n'abamanyi abalala bangi.

**2.** Ekigambo ekyokubiri ku muntu aleka esswala olw'obugayaavu n'obutafaayo, kye ky'abamanyi abagamba nti mu mbeera eno tava mu busiraamu era takaafuwala, wabula munsi eziramuza amateeka

g'obusiraamu mu makooti gaazo, aweebwa kibonerezo kya kuttibwa n'anaazibwa wamu n'okumusaalira, oluvannyuma n'aziikibwa bulungi nga abasiraamu bwe baziikibwa, abamu mu bano bamuwa kibonerezo kya kusibibwa mu kkomera okutuusa lwa kkiriza okutandika okusaala; kubanga asomeseddwa era n'ajjukizibwa emirundi mingi naye n'atafaayo kusaala sswala ttaano, ebisigadde bibeera wakati we, tubirekera Mutonzi we y'alimanya eky'okumukolera; olw'ekigambo kya Nabbi Muhammadi ﷺ ekigamba mu Hadiithi ya Ubadat bun Swamit:

عـن عُبـادة بـن الصامت قال: قال رسـولُ الله ﷺ: مَنْ شَـهِدَ أَنْ لاَ إِلَهَ إِلاَّ اللَّـهُ وَحْدَهُ لاَ شَرِيكَ لَـهُ، وَأَنَّ مُحَمَّـدًا عَبْـدُهُ وَرَسُـولُهُ، وَأَنَّ عِيسَى عَبْـدُ اللَّهِ وَرَسُـولُهُ وَكَلِمَتُهُ، أَلْقَاهَـا إِلَى مَرْيَمَ، وَرُوحٌ مِنْـهُ، وَالْجَنَّـةُ حَـقٌّ وَالنَّارُ حَقٌّ، أَدْخَلَهُ اللَّهُ الْجَنَّةَ عَلَى مَا كَانَ مِنَ الْعَمَلِ. رواه البخاري ومسـلم.

**"Yenna ayatula era n'akakasa Shahada ebbiri nti Laa ilaaha illa Allah wa anna Muhammada Rasulu Allah (** nti **tewali kisinzibwa mu butuufu okujjako Allah yekka, tagattibwaako kirala kyonna era Nabbi Muhammadi muddu we era Mubaka we, n'akakasa Nabbi Issa nti muddu we era Mubaka we, era Kigambo Kye kye Yasuula eri Mariyamu (n'atondebwa mu lubuto nga talina kitaawe), era mwoyo ogwava gy'Ali, n'akakasa Ejjana nti y'amazima, era n'akakasa Omuliro nti gw'amazima; Allah Amuyingiza Ejjana newankubadde alina obukendeevu obulala obw'emirimu"**

Amakulu ga Hadiithi ago kungulu galaga omuntu aleka esswala bw'ajja okuyingira Ejjana ne bwaba teyasaalanga kunsi, ebbanga ly'amala nga musiraamu nga y'akkiriza Allah ne Nabbi Muhammadi ebyengera n'emirembe bibeere ku ye.

**Omumanyi** Ibun Qayyim Allah Amusaasire- oluvannyuma lw'okwe kenneenya obujuluzi bw'abamanyi bw'enjuyi z'ombiriri y'agamba:

قـال ابـن القيـم - رحمـه اللـه- بعـد أن ذكـر حجـج الفريقـين: «وإذا كان الإيمـان يـزول بـزوال عمـل القلـب، فغير مستنكر أن يـزول بـزوال أعظـم أعـمال الجـوارح، ولا سـيما إذا كان ملزومـاً لعـدم محبـة القلـب وانقيـاده الـذي هـو ملـزوم لعـدم التصديـق الجـازم كـما تقـدم تقريـره، فإنـه يلـزم مـن عـدم طاعـة القلـب عـدم طاعـة الجـوارح، إذ لـو أطـاع القلـب وانقـاد، أطاعـت الجـوارح، وانقـادت...» الصلاة وحكـم تاركهـا.

**"Bwe kiba nga obukkiriza bw'omuntu n'obusiraamu bwe bumenyekawo n'abuvaamu ng'omutima tegubwagadde, era tekigaanibwa kumenyekawo kasita omulimu ogusinga obukulu ogw'ebiyungo gulekebwa (esswala), naddala nga omutima gulina obukyaayi**

**ku busiraamu n'okuteeka amateeka ga Allah munkola, okwo kw'ogatta n'obutaba na kukakasa okwannamaddala ku mutima; kubanga omutima bwe guba tegukkiriza okukkiriza okutuufu, n'emirimu egy'ebiyungo tegisoboka kukolebwa, era omutima bwe gugonda ne gukkiriza, emirimu gy'ebiyungo gikolebwa ne gigonda**"

Wabula enjuyi zombiriri zikkaanya kimu nti omuntu atasaala alina okuweebwa ekibonerezo mu maaso g'omukulembeze oba omulamuzi wa kkooti y'obusiraamu. N'ekigambo kino ekiva mu njuyi zonna kiraga ezzambi n'ensobi ennene eri ku muntu atasaala.

**Akatalekeka**

**Wabula** tulina okukimanya, nti munsi yaffe Uganda omuntu atasaala tetukkirizibwa ku mutuusaako buvune bwonna; kubanga ensi yaffe teramuza busiraamu, tumujjukiza bujjukiza okutandika okusaala kyokka, nga tukozesa amakubo amalungi gyaali, ebisigadde ne tubimulekera ye ne Katonda we.

Naye nga twe wuunya ebibinja bya bantu abalagajjalira okusaala esswala ettaano, esswala emu etamala na ssaawa nnamba okugisaala, obudde bwabwe obusinga obungi ne babumala mu bintu ebirala, abaffe, tebasuubira abo nti baakuzuukizibwa ku lunaku lw'enkomerero, abantu lwe bagenda okuyimirira mu maaso g'Omutonzi wabwe?

Obukwakkulizo oba obulombolombo bw'esswala, bwe bwo obulina okubeerawo, esswala eryooke esaalibwe, era bwe buno:

(**1**). Okuyingirawo kw'ekiseera, kano kekakwakkulizo akasinga obukulu, n'obujulizi ku kakwakkulizo kano, kye kigambo kya Allah ekigamba:

قال تعالى: ﴿إِنَّ ٱلصَّلَوٰةَ كَانَتۡ عَلَى ٱلۡمُؤۡمِنِينَ كِتَٰبٗا مَّوۡقُوتٗا ١٠٣﴾ [سورة النِّسَاء ١٠٣].

"**Mazima esswala zaalaalikibwa ku bakkiriza ebiseera ebigereke.**" Esswala tetuuka bw'esaalibwa nga ekiseera kyayo tekinnaba kutuuka, ne bwaba omusaaze tamanyi oba nga yeerabidde, era tetuuka nga ekiseera kyayo kiyiseeko okujjako omusaaze nga alina ekisonyiyisa eky'obusiraamu. Ebiseera by'esswala bino twabinnyonnyola bulungi nga tutandikira ddala okwogera ku sswala.

Wabula omuntu bw'agenderera okukeereya esswala, ekiseera kyayo ne kiyitako nga talina lukusa lwa busiraamu, n'asaala esswala eyo nga ekiseera kiweddeko, ng'omuntu asaala Fajir nga enjuba emaze okuvaayo ku ggulu, esswala ye tetuuka era tekkirizibwa ne bw'agisaala emirundi lukumi; olw'obujulizi bwe twa kulembezza waggulu, nti ekiseera ky'esswala zonna kigereke n'obudde obumanyiddwa.

Omuntu ayinza okwebuuza nti: bw'agisaala nga ekiseera kyayo kiweddeko mu bugenderevu, akole atya?

***Tugamba*:** Yenenya ewa Katonda we, oluvannyuma n'alongoosa esswala ze nga azisaala mu biseera byazo, wabula tekimukakatako kuziriwa; kubanga tekimugasa ekyo ne bwakikola. Wabula bw'azikeereya olw'okwerabira, oba nga yamuyiseeko yebase, oba yasadde ekiseera ky'esswala takimanyi bulungi atenga talina saawa, omuntu ono bw'amala n'asaala, esswala ye etuuka; olw'ekigambo kya Nabbi ﷺ ekigamba:

لقوله ﷺ: إِذَا رَقَدَ أَحَدُكُمْ عَنِ الصَّلَاةِ، أَوْ غَفَلَ عَنْهَا، فَلْيُصَلِّهَا إِذَا ذَكَرَهَا، فَإِنَّ اللَّهَ يَقُولُ: ﴿أَقِمِ ٱلصَّلَوٰةَ لِذِكۡرِيٓ ١٤﴾ [سورة طه ١٤] رواه مسلم.

"**Omuntu bw'eyebakira mu kaseera k'esswala, oba n'agyerabira, agisaale mbagirawo akaseera kajjukiriramu, kubanga Allah Y'agamba: (yimirizaawo esswala akaseera k'ogijjukiriramu)**" Enzivuunula ya Ayati eno endala egamba nti: "Yimirizaawo

esswala osobole okunzijukiriramu".

Era obujulizi obulala, y'embeera eyatuukawo ku mulembe gwa Nabbi ﷺ mu Hadiithi ya Abu Hurairah egamba:

روى مسلم عن أبي هريرة ﵁ «أَنَّ رَسُولَ اللَّهِ ﷺ حِينَ قَفَلَ مِنْ غَزْوَةِ خَيْبَرَ ، سَارَ لَيْلَهُ حَتَّى إِذَا أَدْرَكَهُ الْكَرَى عَرَّسَ وَقَالَ لِبِلَالٍ: اكْلَأْ لَنَا اللَّيْلَ ، فَصَلَّى بِلَالٌ مَا قُدِّرَ لَهُ ، وَنَامَ رَسُولُ اللَّهِ ﷺ وَأَصْحَابُهُ ، فَلَمَّا تَقَارَبَ الْفَجْرُ اسْتَنَدَ بِلَالٌ إِلَى رَاحِلَتِهِ مُوَاجِهَ الْفَجْرِ ، فَغَلَبَتْ بِلَالًا عَيْنَاهُ وَهُوَ مُسْتَنِدٌ إِلَى رَاحِلَتِهِ ، فَلَمْ يَسْتَيْقِظْ رَسُولُ اللَّهِ ﷺ، وَلَا بِلَالٌ ، وَلَا أَحَدٌ مِنْ أَصْحَابِهِ حَتَّى ضَرَبَتْهُمُ الشَّمْسُ ، فَكَانَ رَسُولُ اللَّهِ ﷺ أَوَّلَهُمُ اسْتِيقَاظاً ، فَفَزِعَ رَسُولُ اللَّهِ ﷺ، فَقَالَ: أَيْ بِلَالُ فَقَالَ بِلَالُ: أَخَذَ بِنَفْسِي الَّذِي أَخَذَ - بِأَبِي أَنت وَأُمِّي يَا رَسُولَ اللَّهِ - بِنَفْسِكَ ، قَالَ: اقْتَادُوا ، فَاقْتَادُوا رَوَاحِلَهُمْ شَيْئاً ، ثُمَّ تَوَضَّأَ رَسُولُ ﷺ، وَأَمَرَ بِلَالاً فَأَقَامَ الصَّلَاةَ ، فَصَلَّى بِهِمُ الصُّبْحَ» أخرجه مسلم.

**"Omubaka wa Allah ﷺ bwe yali akomawo ne ba Swahaba be okuva mu lutalo lwe Khaibar nga addayo e Madinah, yatambula ekiro ekyo okutuuka lwe yatandika okuwulira otulo, ne bafuna akafo okuwummulamu mu kiro ekyo, Nabbi ﷺ n'agamba Bilaal afube nnyo okulaba nti akwaata obudde esswala ya Fajir tebayitako, Bilaal ye n'atandika okusaala esswala ya laili ey'ekiro, Nabbi ﷺ neba swahaba abalala bo ne beebaka, Fajir bwe yali esembera okutuuka, Bilaal ne yeesigama ensoloye naye otulo ne tumukwaata nga ayolekedde oludda emmambya gy'esalira ku ggulu, esswala ne bayitako nga tewali n'omu azuukuse, Nabbi ﷺ ne Bilaal ne ba Swahaba bonna beebaka okutuuka Enjuba lwe yabakubamu, oluvannyuma Nabbi ﷺ yabasooka okuzuukuka, n'anenya Bilaali olw'obutafaayo kubajjukiza Sswala okutuuka okubayitako, Bilaal n'amuddamu: Ekitiibwa kyo Nabbi kiri waggulu okusinga kitange ne mmange, otulo twankutte nga nawe bwe twakukutte, Nabbi ﷺ n'agamba ba Swahaba bakyuuke bave mu bifo bye beebakiddemu basaalire mu birala, oluvannyuma Omubaka wa Allah ﷺ nafuna wudhu, n'alagira Bilaal akime esswala n'abasaaza Subuhi".**

***EKIBUUZO***: Omuntu abadde mu lugendo lwe, n'alumbibwa ababbi, ne batwaala ebintu bye byonna naasigala bukunya, nga bw'atambula n'atuuka ewuwe, obudde bw'esswala bujja kuba buweddeko, abaffe tumugambe tasaala sswala eyo mpaka nga atuuse ewuwe afune engoye, oba tumugambe asaale nga tayambadde?

***Tugamba nti***: Asaale nga ali bukunya mukaseera ako ak'esswala nga tannatuuka wuwe; kubanga okusaala esswala mu kiseera kyayo, kye ky'akakatibwa ennyo

olukakata olwannamaddala mu bulombolombo bw'esswala obumanyiddwa.

***Omuntu*****:** Talina mazzi gafuna wudhu, wabula akimanyi ajja kufuna amazzi nga ekiseera ky'esswala kiweddeko, abaffe: tumugambe alindeko okusaala mpaka bw'afuna amazzi, oba atayammame n'ettaka?

***Tugamba nti***: Atayammame ku ttaka; kubanga okusaala esswala mu kiseera kyayo, kye ky'akakatibwa ennyo olukakata olwannamaddala mu bulombolombo bw'esswala obumanyiddwa.

(**2**).**Akalombolombo akokubiri**: Okwetukuza kw'ekizuusi ekinene n'ekitono – n'ekizuusi ekitono tukyetukuza nakufuna wudhu, ate ekinene tukyetukuza nakunaaba mubiri gwonna, gamba nga omuntu ey'erooteredde oba omukyala avudde munsonga z'omwezi n'embeera endala; olw'ekigambo kya Nabbi ﷺ ekigamba:

«لَا تُقْبَلُ صَلَاةٌ بِغَيْرِ طُهُورٍ...» رواه مسلم.

"Allah takkiriza sswala ya muntu atali mutukuvu".

(**3**).**Akalombolombo akokusatu**: Okwewala obukyaafu: Olugoye lw'omuntu lulina kuba luyonjo, n'omubiri gwe, n'ekifo ky'okusaaliramu kirina kuba kiyonjo. N'olwekyo, okwewala obukyaafu kiri mu bintu bisatu: Omubiri, engoye n'ekifo aw'okusaalira.

(**4**). **Akalombolombo ak'okuna**: Okubikka obwereere; olw'ekigambo kya Allah ekigamba:

لقوله تعالى: ﴿يَٰبَنِيٓ ءَادَمَ خُذُواْ زِينَتَكُمۡ عِندَ كُلِّ مَسۡجِدٖ وَكُلُواْ وَٱشۡرَبُواْ وَلَا تُسۡرِفُوٓاْۚ إِنَّهُۥ لَا يُحِبُّ ٱلۡمُسۡرِفِينَ ٣١﴾ [سورة الأعراف ٣١].

"**Abange Abaana ba Adamu! Mwambalenga ebyo ebibikka obwereere bwammwe, n'ebyo ebibalabisa obulungi mu ngoye ennyonjyo awali buli Muzikiti, era mulye, munywe, naye temudiibuuda. Mazima Katonada Tayagala badiibuuzi.**"

Era Nabbi Muhammadi ﷺ y'agamba Jabir Allah yasiima ku ye – ku nsonga y'engoye mu kiseera ky'esswala:

وقال النبي ﷺ لجابر بن عبد الله رضي الله عنهما – في الثوب: «فَإِنْ كَانَ وَاسِعًا فَالْتَحِفْ

بِهِ، وَإِنْ كَانَ ضَيِّقًا فَاتَّزِرْ بِهِ» رواه البخاري.

**"Olugoye bwe luba lugazi, lwebikkise omubiri gwonna, ate bwe luba lufunda, lwambale nga nkutu"**

Era Omubaka wa Allah ﷺ y'agamba mu Hadiithi ya Abu Hurayra Allah Yasiima ku ye - :

وقال ﷺ فيما رواه أبو هريرة رضي الله عنه: «لاَ يُصَلِّي أَحَدُكُمْ فِي الثَّوْبِ الْوَاحِدِ لَيْسَ عَلَى عَاتِقَيْهِ مِنْهُ شَيْءٌ» رواه البخاري ومسلم.

**"Tasaaliranga omu mu mmwe mu lugoye lumu nga ku bibegaabega bye talina kya bisseeko"**

Kino kitulaga obw'etteeka ku muntu okubikka omubiri gwe mu kiseera ky'esswala, era kino abamanyi b'obusiraamu ba kyegattako, ne balaga nti yenna asaala nga tayambadde, nga alina obusobozi obw'okwetuusaako engoye, esswalaye tetuuka.

N'olwekyo tugamba: omusiraamu alina okwambala engoye enzijuvu ku mubiri gwe mu kaseera k'esswala; kubanga aba ayogera ne Katonda.

(5).**Akalombolombo ak'okutaano**: Okwolekera kibula; olw'ekigamba kya Allah ekigamba:

لقوله تعالى: ﴿وَمِنْ حَيْثُ خَرَجْتَ فَوَلِّ وَجْهَكَ شَطْرَ ٱلْمَسْجِدِ ٱلْحَرَامِ ۚ وَحَيْثُ مَا كُنتُمْ فَوَلُّواْ وُجُوهَكُمْ شَطْرَهُۥ...﴾ [سورة البقرة۱٥۰].

**"Era buli wonna w'obanga oli yolekezanga amaaso go ku ludda lw'omuzikiti Ogw'emizizo ogwe Makkah** (mu kaseera ke sswala)**; era buli wonna we mubanga muli (mmwe Abasiraamu) mwolekezenga amaaso gammwe ku ludda lwagwo** (**bwe muba musaala**)..."

Era wano nno Abamanyi batutegeeza nti: Yenna asobola okulaba Kaaba yennyini, kimukakatako okwolekera gy'eri, naye atagirabako, ye alina kwolekera ludda lwayo nga asaala.

Wabula mu biseera bino, ku masimu gaffe ga (touch screen phones), omuntu asobola okukozesa apps nga **Vmuslim** (The Best Islamic App), ne (prayer times), n'endala, n'ezimulaga gy'atunula nga agenda kusaala, kino kyengera

kyetufuna munkozesa ya masimu ku mulembe guno.

**Kunsonga eno tugamba nti**: Yenna asaala nga tayolekedde ludda lwa Kaabah e Makkah, esswala tetuuka okujjako mu mbeera nnya (4):

***Embeera esooka*:** Bwaaba tasobola, gamba nga omulwadde; olw'ekigambo kya Allah ekigamba:

لقوله تعالى: ﴿فَٱتَّقُواْ ٱللَّهَ مَا ٱسۡتَطَعۡتُمۡ﴾ [ سورة التَّغَابُن ١٦].

"**Mutye Allah okusinziira kubusobozi bwammwe**", kubanga omuntu ono tasobola kwekyuusa wadde okukyuusibwa.

*Embeera ey'okubiri*: Bwaaba mu kifo mwaali nga atya omulabe okumutuukako naddala mu kaseera k'olutalo, oba omuntu ali mu dduka dduka olw'okutaasa obulamu n'atoyolekera ludda lwa Kaabah, wano nno wonna gy'ayolekera esswala ye eba ntuufu; olw'ekigambo kya Allah ekigamba:

لقوله تعالى: ﴿فَإِنۡ خِفۡتُمۡ فَرِجَالًا أَوۡ رُكۡبَانًا﴾ [سورة البَقَرَة ٢٣٩].

"**Bwe muba nga muli ku lutalo** (**ne mutya abalabe musaale nga bwe musobola**) - **nga mutambula oba mwebagadde** (**ku nsolo zammwe**)."

***<u>Embeera ey'okusatu</u>*:** Omuntu ali ku lugendo bw'ayagala okusaala esswala eya Sunnah etali yatteeka, nga yebagadde kunsolo, oba nga ali mu kidduka kyonna, e kibula kye gy'ayolekera, lwe ludda ekidduka kye gye kiba kyolekera, kino kya kakata ku Nabbi ﷺ nti yalinga asaalira mu lugendo lwe ku kyebaggala kye gye kya yolekeranga, wabula kino yakikola ku sswala za Sunnah zokka.

Hadiithi nga eva ku Swahaba Amir bin Rabia Allah yasiima ku ye – y'agamba:

فعن عامر بن ربيعة أنه قال:«رَأَيْتُ رَسُولَ اللَّهِ ﷺ وَهْوَ عَلَى الرَّاحِلَةِ يُسَبِّحُ، يُومِئُ بِرَأْسِهِ قِبَلَ أَيِّ وَجْهٍ تَوَجَّهَ، وَلَمْ يَكُنْ رَسُولُ اللَّهِ ﷺ يَصْنَعُ ذَلِكَ فِي الصَّلاَةِ الْمَكْتُوبَةِ» رواه البخاري.

"**Nalaba Omubaka wa Allah ﷺ nga asaalira ku nsolo ye, ng'alaza n'omutwe eri oludda gy'ayolekera, wabula kino teyakikolanga ku sswala ez'etteeka**"

*Embeera ey'okuna*: Bwe kiba ekibula kimubuzaabuzizza oludda lwakyo, n'atamanya ludda gy'alina kwolekera oba kutunula, mu mbeera eno omuntu alina okugezaako okunoonya ekibula gye kiri, n'abuuza ne ku bantu

b'ekitundu ekyo, awo nno n'azimbira ku kunonyereza kwe, esswala eba ntuufu ne bw'akizuula oluvannyuma nti oludda gy'atunudde lubadde si lutuufu. Abamanyi abamu bongerako nti omuntu alina okumalirira mu mutima nti agenda kusaala sswala eyetteeka emanyikiddwa akaseera kayo.

Tulina okumanya abasiraamu fenna nti omulimu gwonna ogukolebwa nga tusinza Allah, gulina kugendererwaamu kusiimisa Allah Omutonzi waffe yekka, so ssi kabandabe wadde kabampulire w'ekitonde kyonna, n'okukola omulimu ogwo okusinziira kunjigiriza y'obusiraamu okuva mu kitabo Qurani n'okusomesa kwa Nabbi ﷺ, n'olwekyo omuntu alina okusoma n'okuyiga butya Nabbi ﷺ bwe yasaalanga.

Kubanga Allah y'atulagira okuyimirizawo esswala ettaano n'agamba:

قال تعالى: ﴿وَأَقِيمُوا۟ ٱلصَّلَوٰةَ وَءَاتُوا۟ ٱلزَّكَوٰةَ وَٱرْكَعُوا۟ مَعَ ٱلرَّٰكِعِينَ ﴿٤٣﴾﴾ [سورة البقرة ٤٣].

"**Muyimirizeewo esswala** (**mu bujjuvu bwayo nga mutuukiriza empagi n'ebyetteeka ne sunna zayo**), **era mutoole ne zzakati, era mukutame nga muli wamu n'abakutama** (**nga basaba**)."

N'okuyimirizaawo esswala, kikakata kumuntu yenna okuzisaala nga obusiraamu bwe bulambika, nga asaala ku lwa Allah, n'okugoberera okusomesa kwa Nabbi ﷺ kunsonga eno, era Nabbi ﷺ yagamba:

وقد قال النبي ﷺ: «صَلُّوا كَمَا رَأَيْتُمُونِي أُصَلِّي» رواه البخاري.

"**Musaale nga bwe mundaba nsaala**", n'alagira okusaala nga bwe yalabibwanga nga asaala, bino ebigambo byaali bidda eri ba Swahaba be, atenga okusomesa kwa Nabbi ﷺ okwolekera ba Swahaba be, era kuba kutwaliramu naffe abasiraamu abajja oluvannyuma lwabwe okutuusa ku lunaku lw'enkomerero bwe luli tuuka. Hadiithi nga eva ku Abu Hurayira - Allah Yasiima ku ye – ya'gamba:

فعن أبي هريرة رضي الله عنه:«أنَّ رَسولَ اللَّهِ ﷺ دَخَلَ المَسْجِدَ فَدَخَلَ رَجُلٌ، فَصَلَّى، فَسَلَّمَ علَى النبيِّ ﷺ، فَرَدَّ وقالَ: ارْجِعْ فَصَلِّ، فإنَّكَ لَمْ تُصَلِّ، فَرَجَعَ يُصَلِّي كما صَلَّى، ثُمَّ جَاءَ، فَسَلَّمَ علَى النبيِّ ﷺ، فَقالَ: ارْجِعْ فَصَلِّ، فإنَّكَ لَمْ تُصَلِّ ثَلَاثًا، فَقالَ: والذي بَعَثَكَ بالحَقِّ ما أُحْسِنُ غَيْرَهُ، فَعَلِّمْنِي، فَقالَ: إذَا قُمْتَ إلى الصَّلَاةِ فَكَبِّرْ، ثُمَّ اقْرَأْ ما تَيَسَّرَ معكَ

مِـنَ القُـرْآنِ، ثُـمَّ ارْكَـعْ حتَّـى تَطْمَـئِنَّ رَاكِعًـا، ثُـمَّ ارْفَـعْ حتَّـى تَعْـدِلَ قَائِمًـا، ثُـمَّ اسْـجُدْ حتَّـى تَطْمَـئِنَّ سَـاجِدًا، ثُـمَّ ارْفَـعْ حتَّـى تَطْمَـئِنَّ جَالِسًـا، وافْعَلْ ذلـكَ في صَلَاتِـكَ كُلِّهَـا». رواه البخاري.

**"Omubaka wa Allah ﷺ lumu yayingira omuzikiti oluvannyuma waliwo omusajja naye yayingira n'atandika okusaala, bwe yamala yajja n'atoolera Nabbi ﷺ salaamu, n'amuddamu salaamu namugamba: Ddayo osaale kubanga tolina byosadde, kino kyaddinganibwa emirundi esatu nga asaala kye kimu nga Nabbi ﷺ bwa muzzaayo okuddamu okusaala, ogw'okusatu omusajja n'agamba Nabbi ﷺ: Ndayira Oyo eyakutuma n'amazima sirina kye mmanyi kisukka wano, nkusaba onjigirize, n'amugamba: Bw'oyimirira okusaala situla emikonogyo ogambe Allahu Akbar, oluvannyuma osome ky'osobodde mu Qurani, oluvannyuma okutame ku maviivi otebenkere bulungi, oluvannyuma vaayo ku maviivi otebenkere bulungi nga oyimiridde, oluvannyuma vunnama wansi n'omutwe otebenkere bulungi nga ovunnamye, oluvannyuma jjayo omutwe otebenkere bulungi nga otudde wansi, era kola bw'otyo esswalayo yonna".**

Mu Hadiithi eno Nabbi ﷺ agaana okubaawo kw'esswala eyo mu shariya okusinziira kuntaputa ya Hadiithi, wabula tetegeeza nti tasadde; kubanga alabiddwa nga akola ebikolwa, naye tasadde nga atebenkera ku buli kiyungo, ne kitegeeza nti esswala tetuuka kasita asaala nga tatebenkera ku biyungo bye. Twayogera ku sswala ku ntandikwa y'ekitabo, ne tunnyonnyola butya bw'esaalibwa.

## Katunnyonnyole ebirala ku sswala eno nga tugamba:

Omusiraamu ayingira omuzikiti oba ekifo wagenda okusaalira nga mutukuvu okuva mu kizuusi ekinene n'ekitono n'obukyaafu, nga mwewombeefu, nga Nabbi ﷺ bwe y'atulagira okukola nga esswala etandise, tetuyanguyiriza nga tutambula:

قال رسول الله ﷺ: «إِذَا سَمِعْتُمُ الإِقَامَةَ، فَامْشُوا إِلَى الصَّلاَةِ وَعَلَيْكُمْ بِالسَّكِينَةِ وَالوَقَارِ، وَلاَ تُسْرِعُوا، فَمَا أَدْرَكْتُمْ فَصَلُّوا، وَمَا فَاتَكُمْ فَأَتِمُّوا» رواه البخاري.

**"Bwe muwuliranga esswala ekimiddwa, mutambule okugenda okusaala nga mutebenkedde n'obwewombeefu, temwanguyirizanga, kye musanze ku sswala mukisaale awamu ne Imaamu, ate ekibayiseeko mukijjuze"**

Era buli luta lw'atambula okujja okusaala, alufunamu empeera n'asangulwaako n'ekyonoono kimu.

Bwaaba agenda kusaalira ku muzikiti, ayingira munda nga asoosayo kigere kyaddyo n'asoma ebigambo bino:

عَنْ أَبِي أُسَيْدٍ ﷺ، قَالَ: قَالَ رَسُولُ اللهِ ﷺ: «إِذَا دَخَلَ أَحَدُكُمُ الْمَسْجِدَ، فَلْيَقُلْ: اللَّهُمَّ افْتَحْ لِي أَبْوَابَ رَحْمَتِكَ» رواه مسلم.

**"Allahummah Iftahlii Abuwaaba Rahmatika. Ayi Allah nkusaba onzigulirewo emiryango gy'okusaasira kwo"**

Ate bwaaba afuluma omuzikiti wa bweeru asoosayo kigere kya kkono n'asoma ebigambo bino:

«اللهُمَّ إِنِّي أَسْأَلُكَ مِنْ فَضْلِكَ» رواه مسلم.

**"Allahummah inni as-aluka min fadhulika, Ayi Allah nkusaba ku birungi byo"**

(**a**).**Empagi z'esswala**: Empagi ky'ekitundu ku kintu kyonna, nga ekitundu bwe kibula ku kintu ekyo, kiba tekikyaayina linnya lyakyo erimanyiddwa, ekyokulabirako ye Ntebe eya Magulu ana (4), okugulu okumu bwe kubulako oba ne kumenyeka, eba tekyalina linnya lya ntebe okutuusa nga okugulu okwo kuzziddwaako.

Na bwekityo Esswala mu busiraamu erina empagi zaayo nga emu kuzo bwe bulako, amangu ddala erina okuliyibwa oba esswala yonna okuddibwaamu, era z'ezino wammanga:

**1**.Okuyimirira kw'oyo alina obusobozi, naddala esswala ettaano ezibwetteeka, olw'ekigambo kya Allah ekigamba:

لقوله تعالى: ﴿حَٰفِظُواْ عَلَى ٱلصَّلَوَٰتِ وَٱلصَّلَوٰةِ ٱلْوُسْطَىٰ وَقُومُواْ لِلَّهِ قَٰنِتِينَ ٢٣٨﴾ [سورة البَقَرَةِ ٢٣٨].

**"Mwekuume okuyimirizaawo esswala (zonna ettaano), n'esswala ey'omu makkati, era muyimirirenga (mu sswala) ku lwa Katonda nga musirise mwewombeese"**

N'ekigambo kya Nabbi ﷺ eri Imraan bun Alhuswen nga amugamba:

وقول النبي ﷺ لعمران بن الحصين: «صَلِّ قَائِمًا، فَإِنْ لَمْ تَسْتَطِعْ فَقَاعِدًا، فَإِنْ لَمْ تَسْتَطِعْ فَعَلَى جَنْبٍ» رواه البخاري.

**"Saala nga oyimiridde, bw'oba tosobodde, saala nga otudde, bw'oba tosobodde, saalira ku ludda lwo nga ogalamidde).**

**2.** Takbiira eggulawo esswala, olw'ekigambo kya Nabbi ﷺ eri omusajja eyali asaala esswala nga agisobya ekigamba:

لقول النبي ﷺ للمسيئ في صلاته: «إِذَا قُمْتَ إِلَى الصَّلَاةِ فَأَسْبِغِ الْوُضُوءَ ثُمَّ اسْتَقْبِلِ الْقِبْلَةَ فَكَبِّرْ» رواه البخاري ومسلم.

**"Bw'osituka okusaala, funa wudhu obunyise ebiyungo byayo mu ngeri etuukiridde, olwo otunule mu Kiblah ogambe nti "Allahu Akbaru"**

**3.** Okusoma Surati Alfatiha; olw'ekigambo kya Nabbi Muhammadi ﷺ:

لقول النبي ﷺ: «لاَ صَلاَةَ لِمَنْ لَمْ يَقْرَأْ بِفَاتِحَةِ الْكِتَابِ» متفق عليه.

**"Tewali sswala ntuufu eri oyo atasoma Alfatiha"**

**4.** Okukutama ku Maviivi; olw'ekigambo kya Allah ekigamba:

لقوله تعالى: ﴿يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُواْ ٱرۡكَعُواْ وَٱسۡجُدُواْۤ...﴾ [سورة الحج ٧٧].

**"Abange mmwe abakkiriza! Mukutame era muvunname (musaale)..."**

N'ekigambo kya Nabbi Muhammadi ﷺ ku musajja eyali talongoosa sswala ye:

ولقول النبي ﷺ للرجل الذي أساء في صلاته ولم يصلها على الوجه التام: «ثُمَّ ارْكَعْ حتَّى تَطْمَئِنَّ رَاكِعًا» رواه البخاري.

**"Olwo okutame ku maviivi okutuusa lw'otebenkera nga okutamye"**

**5.** Okukutaamulukuka okuva ku maviivi, olw'ekigambo kya Nabbi Muhammadi ﷺ ku musajja eyali talongoosa sswala ye:

ولقول النبي ﷺ للرجل الذي أساء في صلاته ولم يصلها على الوجه التام: «ثُمَّ ارفع حتَّى تَطْمَئِنَّ قائما» رواه البخاري.

**"Oluvannyuma oyimirire okuva ku maviivi era otebenkere ng'oyimiridde"**

**6.** Okuvunnama wansi ku ttaka, olw'ekigambo kya Allah ekigamba:

لقوله تعالى: ﴿يَٰٓأَيُّهَا ٱلَّذِينَ ءَامَنُواْ ٱرۡكَعُواْ وَٱسۡجُدُواْۤ...﴾ [سورة الحج ٧٧].

**"Abange mmwe abakkiriza! Mukutame era muvunname (musaale)"** N'ekigambo kya Nabbi Muhammadi ﷺ ku musajja eyali talongoosa sswala ye:

ولقول النبي ﷺ للرجل الذي أساء في صلاته ولم يصلها على الوجه التام: «ثُمَّ اسجد حتَّى تَطْمَئِنَّ ساجدا» رواه البخاري.

**"Oluvannyuma ovunnamye okutuusa lw'otebenkera mu kuvunnama"**

**7.** Okutuulamu wakati w'envunnama ebbiri, olw'ekigambo kya Nabbi Muhammadi ku musajja eyali talongoosa sswala ye:

ولقول النبي ﷺ للرجل الذي أساء في صلاته: «ثُمَّ ارْفَعْ حَتَّى تَطْمَئِنَّ جَالِسًا» رواه البخاري.

**"Oluvannyuma situka otuulemu okutuusa lw'otebenkera ng'otudde"**

**8.** Oluvunnama olwokubiri; kubanga buli Raaka erina okubaamu envunnama bbiri, olw'ekigambo kya Nabbi ﷺ ku musajja eyali talongoosa sswala ye yamugamba:

ولقول النبي ﷺ للرجل الذي أساء في صلاته: «ثُمَّ اسجد حتَّى تَطْمَئِنَّ ساجدا»، بعد أن ذكر قوله: «ثُمَّ ارْفَعْ حَتَّى تَطْمَئِنَّ جَالِسًا» رواه البخاري.

**"Oluvannyuma ovunname okutuusa lw'otebenkera mu kuvunnama"** Oluvannyuma lw'okwogera n'okumugamba nti: **"Oluvannyuma situka otuulemu okutuusa lw'otebenkera ng'otudde"**

**9.** Tahiyyaatu esembayo; olw'ekigambo kya Swahaba Ibun Masood Allah y'asiima ku ye:

لقول ابن مسعود رضي الله عنه: «كُنَّا نَقُولُ فِي الصَّلَاةِ قَبْلَ أَنْ يُفْرَضَ التَّشَهُّدُ» رواه النسائي فدل هذا على أن التشهد فرض.

**"Twagambanga mu kusaala nga tashahhud tennalagirwa…"** kino n'ekiraga nti Tahiyyaatu mpagi mu sswala erina okusomebwa.

**10.** Okusaalira Nabbi ﷺ ku Tahiyyatu esembayo okusinziira ku kigambo ky'abamanyi abamu.

**11.** Ensengeka y'empagi nga bwe ziddiringana, omuli okuyimirira, okukutama ku maviivi, n'okukutamulukukayo, amakulu nga bwe tuzipanze mu mpandiika wano. Singa omuntu asooka kukutama wansi nga takutamye ku maviivi, esswala ye esazibwaamu; kubanga ensengeka agimenyeewo.

**12.** Obutebenkevu mu mpagi z'esswala; olw'ekigambo kya Nabbi ﷺ ku musajja eyali talongoosa sswala ye yamugamba:

لقول النبي ﷺ للرجل الذي أساء في صلاته: «ثُمَّ ارْكَعْ حَتَّى تَطْمَئِنَّ رَاكِعًا، ثُمَّ ارْفَعْ حَتَّى تَعْتَدِلَ قَائِمًا، ثُمَّ اسْجُدْ حَتَّى تَطْمَئِنَّ سَاجِدًا، ثُمَّ ارْفَعْ حَتَّى تَطْمَئِنَّ جَالِسًا» رواه البخاري.

**"Oluvannyuma okutame ku maviivi okutuusa lw'otebenkerayo, olwo osituke okutuusa lw'otebenkererayo, oluvannyuma ovunname wansi okutuusa lw'otebenkererayo, oluvannyuma vaayo wansi otuule okutuusa lw'otebenkerayo"**

**N’okutebenkera**: Kye tutegeeza **ye** muntu okubeera ku mpagi okutuusa ebiyungo by’omubiri bwe bitebenkera ku mpagi mu mpagi ze twogeddeko ne bwe kaba kaseera katono, ekikulu omuntu tapapiriza nga asaala. Omuntu yenna atatebenkera mu sswala, tetuuka esswala ye.

Kunsonga eno, tulaba ensobi abasaaze gye bakola, olw’obutatebenkerera mu sswala zaabwe, naddala okukutamulukuka okuva ku maviivi, n’okutuulamu wakati w’envunnama ebbiri, obalabanga omuntu tannaba kuba nga ayimiridde okuva ku maviivi nga yeegolodde nga avunnamye wansi, ate nga tannatuula nga yeegolodde ng’apapiriza okuvunnama, eno nsobi nnene, era bw’asaala mw’eno embeera, esswala ye tetuuka ne bw’agisaala emirundi lukumi; kubanga Nabbi ﷺ yagamba omusajja eyali talongoosa sswala ye nga teriimu butebenkevu:

لأن النبي ﷺ قال للرجل الذي كان يخل بالطمأنية، فجاء فسلم على النبي ﷺ قال له النبي ﷺ: «ارْجِعْ فَصَلِّ، فَإِنَّكَ لَمْ تُصَلِّ» رواه البخاري.

“**Ddayo osaale, kubanga mazima ddala tolina byosadde**” Kino ab’oluganda kitulaga nti yenna asaala esswala, n’akendeeza empagi mu mpagi zaayo, esswalaye tetuuka.

**13.** Empagi esembayo, okutoola salaamu emalirizza esswala, salaamu zonna kirungi n’ozoogera eyokuddyo ne kukkono.

Bye bigambo ne bikolwa ebyo nga omusaaze bw'abireka mu bugenderevu esswalaye tetuuka, wabula bw'abireka nga yerabidde, avunnama oluvunnama olw'okwerabira ku nkomerero ya ttahiyaatu.

1.Takbiira zonna ezibeera mu sswala okujjako eggulawo esswala, yo mpagi mu mpagi z'esswala, era esswala teyimirirawo okujjako nga eyogeddwa.

Takbiira zonna ezetteeka zikutukawo olw'okwerabira okujjako zino wammanga:

(a) Takbiira ezongerwaamu ku sswala ya Idi n'esswala y'okusaba enkuba okutonnya zo za sunna.

(b) Takbiira z'esswala y'omufu zona mpagi za sswala eyo.

(c) Takbiira y'okukutama ku maviivi kw'oyo asinnganye Imamu ng'akyakutamye ku maviivi eri Sunnah, omusaaze bw'asanga Imamu ku maviivi, ky'alina okukola, kwe kwogera takbiira etandika esswala ng'ayimiridde bulungi, bw'agenda ku maviivi, takbiira ku ye eba Sunnah.

N'obujulizi obulaga obwetteeka bw'azino takbiira kye kigambo kya Nabbi Muhammadi ﷺ ekigamba:

«إِنَّمَا جُعِلَ الإِمَامُ لِيُؤْتَمَّ بِهِ، فَإِذَا كَبَّرَ فَكَبِّرُوا، وَإِذَا رَكَعَ فَارْكَعُوا، وَإِذَا قَالَ سَمِعَ اللَّهُ لِمَنْ حَمِدَهُ. فَقُولُوا رَبَّنَا وَلَكَ الْحَمْدُ» رواه البخاري.

"**Imaamu yatekebwaawo kugobererwa mu sswala, bw'agamba Allahu akabar nammwe mwogere bwe mutyo, ate bw'agamba samia llahu limani hamidah, mugambenga Rabbana laka alhamduh**". Bino ebigambo biraga nti takbiira zino zirina okwogerwa

2.Edduwa esomebwa ku maviivi n'eyokuvunnama wansi za tteeka okusomebwa, ey'okumaviivi egamba (Subhaana Rabbiyal adhwimi), n'eyokuvunnama egamba: (Subhaana Rabbiyal a-alaa).

3, 4 – Imamu n'oyo asaala yekka balina okwogera **samia llahu limani hamidah** oluvannyuma lw'okukutaamulukuka ku maviivi, n'okwogera **Rabbana walaka alhamduh** eri imamu n'oyo asaala yekka, wabaula omuntu asaalira emebega wa Imaamu bw'ava ku maviivi, ayogera **Rabbana walaka alhamuduh** kyokka.

5.Attahiyatuh n’olutuula lwayo.

6.Okusaba Allah okukusonyiwa: Kino kye ky’etteeka ekyomukaaga mu by’etteeka by’okusaala, twayogera mu bigambo byaffe eby’emabega nti ekigambo “**Rabbi ighfiriri**” kyogerwa wakati w’olutuula lw’envunnama ebbiri. Ebyo ab’oluganda bye byetteeka by’esswala ng’omusaaze bw’abireka mu bugenderevu esswala ye efa tetuuka, wabula bw’ebirekebwa nga byerabiddwa, esswala ntuufu naye Tahiyyatuh ekomekkereza esswala bwe ggwa, omusaaze alina okuvunnama envunnama bbiri. Omuntu bw’amanya empagi z’esswala n’ebyetteeka byazo, ebisigadde biba Sunnah nga bya kye yagalire.

## Obwetoowaze (n’obwewombeefu) mu kusaala n’okujjuuliriza ebiba bisobye

Allah y’agamba ow’ekitiibwa:

قال الله تعالى: ﴿قَدْ أَفْلَحَ ٱلْمُؤْمِنُونَ ﴿١﴾ ٱلَّذِينَ هُمْ فِى صَلَاتِهِمْ خَٰشِعُونَ ﴿٢﴾ وَٱلَّذِينَ
هُمْ عَنِ ٱللَّغْوِ مُعْرِضُونَ ﴿٣﴾ وَٱلَّذِينَ هُمْ لِلزَّكَوٰةِ فَٰعِلُونَ ﴿٤﴾ وَٱلَّذِينَ هُمْ لِفُرُوجِهِمْ
حَٰفِظُونَ ﴿٥﴾ إِلَّا عَلَىٰٓ أَزْوَٰجِهِمْ أَوْ مَا مَلَكَتْ أَيْمَٰنُهُمْ فَإِنَّهُمْ غَيْرُ مَلُومِينَ ﴿٦﴾
فَمَنِ ٱبْتَغَىٰ وَرَآءَ ذَٰلِكَ فَأُو۟لَٰٓئِكَ هُمُ ٱلْعَادُونَ ﴿٧﴾ وَٱلَّذِينَ هُمْ لِأَمَٰنَٰتِهِمْ وَعَهْدِهِمْ
رَٰعُونَ ﴿٨﴾ وَٱلَّذِينَ هُمْ عَلَىٰ صَلَوَٰتِهِمْ يُحَافِظُونَ ﴿٩﴾ أُو۟لَٰٓئِكَ هُمُ ٱلْوَٰرِثُونَ ﴿١٠﴾ ٱلَّذِينَ
يَرِثُونَ ٱلْفِرْدَوْسَ هُمْ فِيهَا خَٰلِدُونَ ﴿١١﴾﴾ [سورة المُؤْمِنُون ١ - ١١].

**“Mazima ddala besiinye abakkiriza, 1 Abo mu kusaala kwabwe (ababa) nga beewombeefu, 2 Abo abaawukana n’emizannyo (mu mboozi zaabwe), 3 Era be bo abo abakola (n’obujjumbize omulimu) gw’okutoola zzaakati; 4 Era be bo abakuuma obwereere bwabwe- 5 Wabula okujjako ku bakyala baabwe oba (abazaana) abo emikono gyabwe egya ddyo be gyafuna (kubanga) mazima ku bo sibanenyezebwa, 6 (Naye oyo) omuntu anoonya emabega w’ekyo, nabo be baba abasusse ekikomo (ky’amateeka ga Katonda). 7 Era be bo abakuuma obwesigwa bwabwe n’endagaano zaabwe. 8 Era be bo abakuuma okutuukiriza esswala zaabwe. 9 Abo bo be balisikira. 10 Abo abalisikira Al-Firdausi (Ejjana Firdausi). Bo ba kutuula bugenderevu mu yo. 11”**

Ebitendo bino ebinene bijjudde okwesiima ku nsi kuno ne ku nkomerero, n’okwesiima kwe kuwona byonna ebibonerezo bya Allah, n’okusikizibwa Firdausi, era nga eno ye eyawaggulu mu madaala ge Jjana, ne mu bitendo bino

mwe muli obwewombeefu mu sswala.

N'obwewombeefu mu sswala - kye tutegeeza wano – kwe kutebenkera kw'omutima nga ne biyungo by'omubiri bikiraga, nga omusaaze talina byalowoolereza mu sswala bya mabbali okujjako eby'esswala.

Bino byonna biraga obukulu bw'esswala; kubanga omuntu mu kaseera ng'ali mu kusaala, ab'ayogera butereevu na Mutonzi we, era omusaaze bw'avunnama wansi, aba ali kumpi nnyo ne Allah we Allah, y'agamba Nabbi Muhammadi ﷺ

قال رسول الله ﷺ: «أقربُ مَا يَكونُ العبْدُ مِن ربِّهِ وَهَو ساجدٌ، فَأَكثِرُوا الدُّعاءَ» رواهُ مسلم.

"**Omuntu akafo k'asinga okuba okumpi ennyo ne Allah, ke kaseera ng'avunnamye wansi n'omutwe, kale muyitirize nnyo okusabirawo**"

Kino kiri bwe kityo; kubanga omusaaze bwaaba avunnamye wansi, aba alaze obwetowaze n'okukakkana wansi okwawaggulu eri Omutonzi we Allah.

Kale muganda wange tebenkera mu mutima gwo nti mu kaseera ako oba okowoola Mutonzi wo era nga omutendereza.

Sujuud sahwi: Z'envunnama ebbiri omusaaze zavunnama Okutereeza ensobi ezibaawo mu sswala nga ewedde: olw'okwerabira, n'ebiviirako okwerabira biri bisatu:

(**a**): Okwongera ekintu kyonna mu sswala ekitali kya muyo.

(**b**): Okukendeeza ekintu kyonna nga kya mu sswala.

(**c**): N'okufuna okubuusabuusa mu sswala mu kwongeramu oba okukendeeza.

Era kino Sitaani ekirinamu omukono mu kuwugula omusaaze afune ebirowoozo ebitali bya sswala, n'okumujja ku Katonda we ng'asaala, Nabbi Muhammadi ﷺ y'agamba:

وقد أخبر النبي ﷺ بأن الشيطان إذا أقيمت الصلاة جاء إلى الإنسان يقول له: «اذْكُرْ كَذَا، اذْكُرْ كَذَا. لِمَا لَمْ يَكُنْ يَذْكُرُ، حَتَّى يَظَلَّ الرَّجُلُ لاَ يَدْرِي كَمْ صَلَّى» رواه البخاري ومسلم.

"Esswala bw'eyimirirawo, Sitaani asembera ku musaaze n'amugamba: "**Jjukira kino nekiri, ekintu omusaaze kyabadde taliiko sitaani n'akimujjukiza, okutuusa omusaaze bw'atuuka ku ddaala nga tamanyi na raaka mmeka ze yakasaala**"

Eddagala ly'obulwadde buno eri Omusaaze, kye kigambo kya Nabbi Muhammadi ﷺ ky'eyasomesa abantu be:

دواء ذلك ما أخبر به الرسول ﷺ وعلمه أمته: (إذا أحسست به في الصلاة فاتفل عن يسارك ثلاثا، وقل: أعوذ بالله من الشيطان الرجيم) لأن رجلا شكا هذا الأمر إلى رسول الله ﷺ فقال: «ذَاكَ شَيْطَانٌ يُقَالُ لَهُ خِنْزِبٌ فَإِذَا أَحْسَسْتَهُ فَتَعَوَّذْ بِاللَّهِ مِنْهُ وَاتْفِلْ عَلَى يَسَارِكَ ثَلاَثًا» . قَالَ فَفَعَلْتُ ذَلِكَ فَأَذْهَبَهُ اللَّهُ عَنِّي. رواه مسلم.

"Bw'owuliranga embeera eyo nga ekujjidde mu sswala, fujja ku ludda lwo olwa kkono emirundi esatu ogambe nti: Ne kingiriza obubi bwa sitaani eyakolimirwa ewa Allah; kino kyaava ku musajja eyeemulugunya ku nsonga eno ewa Nabbi Muhammadi ﷺ n'amugamba: "**Oyo Aba Sitaani ayitibwa - (Khanzabu) - bwakujjiranga mu sswala, saba Allah amukukingirizenga, oluvannyuma ofujje ku ludda lwo olwakkono emirundi esatu, omusajja y'agamba n'akikola ekyo Bwatyo Allah n'angigyako embeera eyo**"

## Sujuud sahwi olw’okwongera mu sswala

Omusaaze bw’ayongera mu sswalaye mu mirundi gy’okuyimirira, oba mu ntuula, oba mu kukutama ku maviivi, oba mu kuvunnama wansi n’omutwe ng’akigenderedde, esswalaye efa era tetuuka, wabula bw’aba yerabidde n’atajjukira ekyo kye yayongeddemu okutuusa bw’amaliriza essswala, wano nno kimukakatako okuvunnama envunnama zino ebbiri (Sujuud sahawi), esswala esigala ntuufu, wabula ky’ayongeddemu nga tannamaliriza sswala takibala, era kunkomerero y’esswwala avunname envunnama zino ebbiri, esswalaye ntuufu.

***<u>Ekyokulabirako</u>***: Omusiraamu asadde Dhuhuri Raaka ttaano natajjukira nyongeza eyo mpaka ku ttahiyaatu, wano nno kyalina okukola, kwe kutoola salaamu oluvannyuma avunname sujuud sahwi, bw’amala atoole salaamu emaliriza esswala.

Naye bw’atajjukira nyongeza eyo okutuuka ng’amaze salaamu, avunnama envunnama eza Sahwi, oluvannyuma n’atoola salaamu. Wabula bw’ajjukira enyongeza eyo ng’ali ku raaka eyo kutaano eyongezeddwaamu, atuula butuuzi wansi n’asoma ttahiyaatu, n’atoola salaamu, navunnama sujuud sahwi, oluvannyuma n’atoola salaamu emaliriza esswala.

Obujulizi kunsonga eno ye Hadiithi ya Abdallah bun Masuudi Allah yasiima ku ye- y’agamba:

دليل ذلك: حديث عبد الله بن مسعود ـ ﵁ـ أن النبي ﷺ صلَّى الظهر خمساً، فقيل له: أزيد في الصلاة؟ فقال: «وما ذاك؟» قالوا: صليت خمساً، فسجد سجدتين بعدما سلَّم. وفي رواية: فثنى رجليه واستقبل القبلة فسجد سجدتين ثم سلَّم. رواه الجماعة.

“**Nabbi Muhammadi ﷺ yasaaza abantu lumu esswala ya Dhuhuri raaka ttaano, ba swahaba ne bamubuuza, esswala yayongeddwaamu? Nabbi ﷺ nطbabaddamu ate ki ekibaddewo, ne bamugamba nti osaazizza raaka ttaano, Nabbi ﷺ navunnama envunnama bbiri, oluvannyuma n’atoola salaamu**”. Ate mungyogera ya Hadiithi endala: “N’afunya amagulu ge gombiriri n’ayolekera ekibula, navunnama envunnama bbiri n’oluvannyuma n’atoola salaamu.

## Sujuud sahwi olw'okukendeeza mu sswala

(**a**). Okukendeeza empagi mu mpagi z'esswala: Omusaaze bw'akendeeza empagi y'esswala, bwe kiba ky'alese Takibiira eggulawo esswala, esswala ye eba nfu mu mbeera yonna, si nsonga agirese mu bugenderevu oba mu kwerabira; kubanga esswala teyagguddwaawo na kisumuluzo kyaayo.

Wabula bwe kiba nga kyalese si takibiira eggulawo sswala, bw'agireka mu bugenderevu, esswalaye efa. Ate bw'agireka nga yerabidde, Bw'aba ali ku raaka eyokubiri, nga kye yalese kiri mu raaka eyasoose, raaka eyasoose esazibwamu, eyokubiri n'efuuka raaka esooka.

Ate bw'ajjukira ng'akyaali ku raaka esooka, eyo erimu empagi gye yalese, alina okuddayo atuukirize empagi eyo, era mu mbeera zombiriri zino ze tulabye, omusaaze alina okuvunnama envunnama bbiri (sujuud sahwi) ng'amaze salaamu.

Ekyokulabirako ku kino: Singa omuntu yeerabidde okuvunnama okw'okubiri okwa raaka esooka, n'ajjukira ng'atudde wakati w'envunnama ebbiri ng'amaze raaka eyookubiri, awonno mbagirawo raaka esooka esazibwaamu eyokubiri nedda mu kifo kyaayo.

Ekyokulabirako ekirala: Singa omusaaze yerabidde okuvunnama okwokubiri mu raaka esooka, n'ajjukira nga yakava ku maviivi mu raaka eyokubiri, addayo wali ku kifo kyennyini n'atuula olutuula lwa wakati w'envunnama ebbiri, oluvannyuma n'avunnama okuvunnama kwe yeerabidde, bw'akimala ekyo addayo ku raaka eyokubiri we yakomye n'agenda mu maaso n'esswala ye n'agimaliriza ne ssalaamu, wabula bw'amala salaamu avunnama sujuudu sahwi n'atoola salaamu eyokubiri, awonno esswalaye aba agimalirizza.

(**b**).Okukendeeza eky'etteeka mu by'etteeka by'esswala:

Omusaaze bw'aleka eky'etteeka mu by'etteeka by'esswala mu bugenderevu esswalaye esazibwaamu tetuuka, wabula bwaaba yerabidde n'ajjukira nga tannayawukana nakifo ekyo, atuukiriza eky'etteeka ekyo kyalese ne kimumalira.

Naye bw'ajjukira ng'amaze okwawukana n'ekifo ekikolebwaamu eky'etteeka kyalese, naye nga tannaba kutuuka ku mpagi eddako, addayo n'akima ekyetteeka

ekyo n'amaliriza esswala n'atoola ne ssalaamu, oluvannyuma avunnama sujuud sahwi eyokwerabira n'amaliriza esswala ne ssalaamu eyokubiri.

Wabula bw'ajjukira ng'amaze okutuuka ku mpagi eddako, wano nno taddayo ku kima kyatteeka ekyo era kimuvaako, yeyongerayo ne sswala ye bw'amala ttahiyaatu, avunnama sujuud sahwi oluvannyuma n'atoola salaamu emaliriza esswala.

**E**kyokulabirako: Omusaaze avudde ku ssujuudu eyokubiri mu raaka eyokubiri, asobole okugenda ku raaka eyokusatu ng'asaala sswala ya Dhuhuri, ne yeerabira okusoma ttahiyaatu esooka, n'ajjukira nga tannaba kuyimirira ku raaka eyokusatu, wano nno kyakola kwe kutuula mbagirawo n'asoma ttahiyaatu gye yeerabidde, n'amaliriza esswalaye, era tewali kimukakatako kirala.

Naye bw'ajjukira ngaali mu kuyimirira ku raaka eyokusatu, nga tannaba kugituukako bulungi, addayo mangu n'asoma ttahiyaatu gy'alase, oluvannyuma n'agenda mu maaso ne sswalaye n'atoola ne ssalaamu, awo nno n'avunnama sujuudu sahwi n'akomekkereza ne salaamu eyokubiri.

Wabula bw'ajjukira ng'amaze okuyimirirayo bulungi nga atandise raaka eddako, tahiyaatu agireka n'ataddayo wansi, wano nno amaliriza esswalaye, n'avunnama sujuud sahwi nga tannaba kutoola salaamu.

Obujulizi ku ky'okulabirako ekyo, ye Hadiithi ya Bukhari n'abalal nga eva ku Swahaba Abdallah bun Buhaina- Allah yasiima ku ye-:

أن النبي ﷺ صلَّى بهم﵁دليل ذلك: ما رواه البخاري وغيره عن عبدالله بن بحينة الظهر فقام في الركعتين الأوليين ولم يجلس -يعني للتشهد الأول- فقام الناس معه حتى إذا قضى الصلاة وانتظر الناس تسليمه كبَّر وهو جالس فسجد سجدتين قبل أن يسلِّم ثم سلَّم.

"Nti mazima Nabbi ﷺ lumu yabasaaza esswala ya Dhuhuri, bwe yamala raaka ebbiri ezisooka teyatuula wansi kusoma ttahiyaatu esooka, yasituka busitusi ku raaka eyokusatu, be yali asaaza nebamugoberera kyakoze okutuusa bwe b'atuuka ku nkomerero, Nabbi ﷺ n'avunnama sujuud sahwi nga tannatoola salaamu oluvannyuma n'agitoola."

## Sujuud sahwi olw'okubuusabuusa mu sswala

Kye tutegeeza wano: Ye Musaaze okubuusabuusa wakati w'okwongera mu sswala n'okukendeezaamu ebikolebwaamu, wabula ebintu wano wammanga tebikosa sswala mu kubuusabuusa:

Bweeba ebadde ndaba na ndowooza ya musaaze emujjidde bujjizi, eno tekosa sswala; kubanga terina butuufu bwaayo.

1. Bwe kiba kimujjira nnyo omusaaze emirundi egiwera, mu mbeera nti esswalaaze ezisinga ajjirwa nnyo okubuusabuusa n'okulowooza nti akendeezezza oba ayongedde mu sswala.
2. Okubuusabuusa bwe kumujjira ng'amaze esswala, tagitunuulira embeera eno okujjako ng'afunye obukakafu obw'okwongera mu sswala oba okugikendeezaamu.

Naye okubuusabuusa okusigadde okutali mu mbeera ezo esatu, kwo kulina okutunuulirwa era ne kusalirwa n'amagezi.

## Okubuusabuusa mu sswala kwa mbeera bbiri:

**Embeera esooka**: Ye musaaze okufuna okulowooza okunene era okwamaanyi ku kimu ku bibiri n'alondako ekyamaanyi.

**E**kyokulabirako: Omuntu asadde Dhuhuri, n'afuna okubuusabuusa ku raaka, ne yeebuuza yakubiri oba yakusatu! Wabula n'afuna okulondako okw'amaanyi era okunene nti gyaaliko raaka ya kusatu, ekituufu ekimujjide ekyamaanyi nti ya kusatu ky'azimbirako esswalaye, oluvannyuma ku nkomerero y'essswala ng'amaze ttahiyaatu eyokubiri, atoola salaamu, awo n'avunnama sujuud sahwi n'amaliriza esswala ne salaamu eyokubiri.

Obujulizi ku nsonga eno ye Hadiithi ya Abdallah bun Masood- Allah yasiima ku ye- Nabbi ﷺ y'agamba:

دليل ذلك: ما ثبت في الصحيحين وغيرهما من حديث عبدالله بن مسعود رضي الله عنه أن النبي ﷺ قال: «إِذَا شَكَّ أَحَدُكُمْ فِي صَلَاتِهِ فَلْيَتَحَرَّى الصَّوَابَ، فَلْيُتِمَّ عَلَيْهِ ثُمَّ يُسَلِّمْ، ثُمَّ يَسْجُدْ سَجْدَتَيْنِ» وهذا لفظ البخاري.

**"Omu mu mmwe bwafuna okubuusabuusa mu sswalaye, alondeko ekisinze**

**okumujjira kyaaba azimbirako esswalaye, era agende mu maaso nayo, bwamaliriza ttahiyaatu eyokubiri atoole salaamu, oluvannyuma avunname sujuud sahwi, olwo nno akomekkereze ne ssalaamu"**

**Embeera eyokubiri**: ye y'obutafuna ky'asinza ku kinnaakyo, wano nno azimbira ku kikakafu, era nakyo kye kitono, awonno amalirize esswalaye, bwamala ttahiyaatu atoole salaamu, oluvannyuma avunname sujuud sahwi atoole ne ssalaamu emaliriza esswala.

Eky'okulabirako: Omusaaze asadde aswiri n'abuusabuusa ku raaka, ne yebuuza ya kubiri oba ya kusatu, n'atafuna ky'asinza ku kinnaakyo, amakulu ku kikumi (100), alinako buli ludda ebitundu 50, wano nno azimbira ku kikakafu n'abala raaka eyo nga ya kubiri, n'asoma ttahiyaatu esooka, n'amaliriza esswala ne raaka ebbiri ezisigadde, oluvannyuma avunnama sujuud sahwi nga tannatoola salaamu, olwo nno n'agitoola, esswala neeba nga ewedde.

Obujulizi ku mbeera eno ye Hadiithi ya Imaamu Muslim nga eva ku Abi said Albadiri Allah yasiima ku ye, Nabbi Muhammadi ﷺ y'agamba:

دليل ذلك: ما رواه مسلم عن أبي سعيد الخدري رضي الله عنه أن النبي ﷺ قال: «إِذَا شَكَّ أَحَدُكُمْ فِي صَلَاتِهِ فَلَمْ يَدْرِ كَمْ صَلَّى ثَلَاثًا أَمْ أَرْبَعًا فَلْيَطْرَحِ الشَّكَّ وَلْيَبْنِ عَلَى مَا اسْتَيْقَنَ ثُمَّ يَسْجُدُ سَجْدَتَيْنِ قَبْلَ أَنْ يُسَلِّمَ فَإِنْ كَانَ صَلَّى خَمْسًا شَفَعْنَ لَهُ صَلَاتَهُ وَإِنْ كَانَ صَلَّى إِتْمَامًا لِأَرْبَعٍ كَانَتَا تَرْغِيمًا لِلشَّيْطَانِ».

**"Omu mu mmwe bwafuna okubuusabuusa mu sswalaye, ekyokulabirako natamanya raaka ki gy'aliko, ya kusatu oba ya kuna? Okubuusabuusa kwe akuteeke ebbali, azimbire ku kikakafu ky'akakasa, oluvannyuma avunname sujuud sahwi nga tannatoola salaamu, bwaaba asadde raaka ttaano, Sujuud Sahwi efuula esswala eyo eyenkanana, ate bwaaba asadde raaka nnya (4) entuufu, kuba kuswaala kwa Sitaani"**

Eby'okulabirako ebirala ebikwaata ku kubuusabuusa mu sswala:

Omusiraamu bwajja okusaala nga Imaamu ali ku Maviivi, alina okuleeta takbiiratul Ihraamu eggulawo esswala ng'akyaayimiridde bulungi, oluvannyuma n'agenda ku maviivi okusangayo Imaamu, ekyokulabirako kino tekisukka mbeera satu:

**1**.Bw'akakasa okusanga Imaamu ku maviivi nga tannavaayo, awonno raaka

aba agisanze, tekimukakatako kusoma Alfatiha.

**2**.Ekyokubiri bw'akakasa nti Imaamu yavuddeyo ku maviivi nga tannatuukayo, wano nno raaka eba emuyiseeko, era tagibala nga esooka.

3.Embeera eyokusatu, ye musaaze okubuusabuusa, ne yebuuza ddala yasanze Imaamu ku maviivi abale raakaye esooka, oba yakutamye ku maviivi nga Imaamu agavuddeko raaka ebeere nga emuyiseeko, bwafuna kyasinza ku kinnaakyo ku byombiriri, azimbire kw'ekyo agende mu maaso n'esswalaye atoole salaamu, oluvannyuma avunname sujuud sahwi, awonno akomekkereze esswalaye ne ssalaamu eyokubiri, wabula bwaaba tewali kyamuyiseeko mu sswala, wano nno sujuud sahwi temukakatako.

Bwe kiba nga tewali kyasinzizza ku kinnaakyo ku byombiriri, akolere ku ky'akakasa (nti raaka yamuyiseeko), amalirize esswalaye bulungi, oluvannyuma bwamala tahiyaatu avunname sujuud sahwi nga tannatoola salaamu, oluvannyuma agitoole.

## Sujuud sahwi ku muntu asaalira emabega wa Imaamu mu jjama

Imaamu asaaza esswala bwe yerabira, gwe basaaza emabega alina kugoberera Imaamu kyonna kyakola ku sujuud sahwi; olw'ekigambo kya Nabbi Muhammadi ﷺ ekigamba:

إذا سها الإمام وجب على المأموم متابعته في سجود السهو؛ لقول النبي ﷺ: «إنما جُعِلَ الإمام ليؤتمَّ به، فلا تختلفوا عليه...» إلى أن قال: «وإذا سجد فاسجدوا» متفق عليه من حديث أبي هريرة رضي الله عنه.

**"Imaamu yatekebwaawo kugobererwa mu sswala, kale nno te mu mwawukanako ku kyakola – bw'avunnama nammwe muvunname"**

Imaamu oba avunnamye olw'okwerabira nga salaamu tennatuuka oba oluvannyuma lwa salaamu, omugoberezi alina okumugoberera, okujjako nga omugoberezi alina raaka eya muyiseeko, tavunnama sujuud sahwi ayimuka buyimusi okujjuza raaka eyamuyiseeko n'atoola salaamu, oluvannyuma n'avunnama sujuud sahwi n'akomekkereza ne ssalaamu.

**Ekyokulabirako**: Omusaaze yegasse ku Imaamu ku raaka esembayo, atenga

Imaamu alina okuvunnama sujuud sahwi ku nkomerero nga salaamu ewedde, wano nno Imaamu bw'atoola salaamu, omugoberezi ayimukirawo mbagirawo okujjuza raaka ezimuyiseeko, talina kuvunnama sujuud sahwi na Imaamu, bwajjuza raaka ezimuyiseeko avunnama sujuud sahwi oluvannyuma lwa salaamu.

Omugoberezi bwe yeerabira mu sswala ngaali ne Imaamu, nga talina raaka gy'ajjuza esswala bw'eggwa, omugoberezi tavunnama sujuud sahwi; kubanga kino kireetera okwawukana ku Imaamu, ne ba Swahaba bwe baali basaala ne Nabbi ﷺ ne yeerabira tahiyaatu esooka, baasituka naye ku raaka eyokusatu; olw'okugoberera Imaamu mu kusaala nga te tumwawukanako .

Wabula bwe kiba nga waliwo raaka eyamuyiseeko ku kusaaza kwa Imaamu, ne yeerabira mu sswala nga ali ne Imaamu, oba ne yeerabira mu raaka zajjuzza, bwasituka okujjuza ekyamuyiseeko alina okuvunnama sujuud sahwi ku nkomerero ye sswala olubereberye lw'essawla oba oluvannyuma lwayo okusinziira ku kunnyonnyola okuyise.

**Ekyokulabirako:** Omugoberezi yeerabidde okugamba: (**Subhaana Rabbiyal Adhwiimi**) ku maviivi, nga tewali raaka emuyiseeko, wano nno talina kuvunnama sujuud sahwi okujjako bw'ayitwaako raaka oba okusukkawo, azijjuza oluvannyuma n'avunnama sujuud sahwi olubereberye lwa salaamu.

Ekyokulabirako ekirala: Omugoberezi asadde Dhuhuri ne Imaamu, Imaamu oluyimiridde ku raaka yokusatu, omugoberezi n'atuula wansi nga alowooza amalirizza raaka zonna ennya, wategeerera nti Imaamu yasituse ku raaka yokuna, mbagirawo alina okuyimirira yegatte ku Imaamu, wano nno bwaaba talina raaka za muyiseeko ku kusaaza kwa Imaamu tavunnamma sujuud sahwi ku nkomerero ya sswala, wabula bwaaba alina raaka emuyiseeko oba okusukkawo azijjuza, ku nkomerero y'esswala avunnama sujuud sahwi nga amaze salaamu esooka, bwamaliriza sujuud sahwi n'atoola salaamu eyokusatu.

Eyo sujuud sahwi gy'avunnamye etegeeza kuli okutuula kwe Imaamu bwe yasituse okukima raaka eyokuna.

**Mu bufunzi**: Kye tulina okumanya wano mu bigambo byaffe ebiyise nti Sujuud sahwi olumu ebeerawo lubereberye lwa salaamu, ate olumu n'ebeerawo

luvannyuma lwa salaamu.

Sujuud sahwi ebeerawo olubereberye lwa salaamu mu mbeera bbiri:

**Esooka**: Esswala bweba ebaddemu okugikendeeza; olwa Hadiithi ya Abdallah bun Buhayina Allah Yasiima ku ye- : nti Nabbi ﷺ ya vunnama sujuud sahwi olubereberye lwa salaamu bwe yeerabira ttahiyaatu esooka, Hadiithi eno tw'agyogeddeko mu bigambo ebiyise.

**Eyokubiri**: Bwaaba omuntu afunye okubuusabuusa mu sswala natafuna ky'asinza ku kinnaakyo ku birowoozo ebibiri; olwa Hadiith ya Said Alkhudir Allah yasiima ku ye- ku muntu abuusabuusa mu sswalaye nga tamanyi raaka mmeka z'asadde, satu oba nnya? Nabbi ﷺ yamulagira avunname ku nkomerero y'esswala sujuud sahwi olubereberye lwa salaamu, Hadiithi tw' agyogeddeko mu bigambo ebiyise.

## Ebifo eby'okuvunnamamu Sujuud Sahwi oluvannyuma lwa salaamu:

**Ekisooka**: Esswala bweeba eyongeddwaamu; olwa Hadiithi ya Abdallah bun Masood Allah yasiima ku ye- akaseera Nabbi ﷺ bwe yasaaza esswala ya Dhuhuri raaka ttaano ne bamujjukiza oluvannyuma lwa salaamu nga esswala ewedde, yavunnama sujuud sahwi oluvannyuma n'atoola salaamu eyokubiri, wano Nabbi ﷺ teyagambako nti avunnamye sujuud sahwi; olwokuba tajjukidde nnyongeza ya raaka okujjako nga esswala ewedde ne salaamu, kino nno ne kiraga nti okulamula kubuna embeera yonna nti sujuud sahwi eyokwongera mu sswala, ebeerawo luvannyuma lwa salaamu, nga tetwawudde nti okwongeramu kumanyikiddwa lubereberye lwa salaamu oba luvannyuma lwayo.

Ne mu mbeera eno: Bw'atoola salaamu nga esswala teweddeeyo, amakulu nga esswala tagimazeeyo olw'okwerabira, najjukira n'ajjuza raaka eyamuyiseeko natoola ne salaamu endala, eyo salaamu eba nyongeza, era aba ayongedde mu sswala, wano nno avunnama sujuud sahwi luvannyuma lwa sswala; olwa Hadiithi ya Abi Huraira Allah yasiima ku ye- nti Nabbi ﷺ y'atoola salaamu ku sswala ya Dhuhuri ng'amaze raaka bbiri, ba swahaba ne bamujjukiza najjuza esswala ya Dhuhuri raaka nnya, oluvannyuma yavunnama sujuud sahwi n'atoola salaamu n'akomekkereza ne salaamu, Hadiithi tw'agyogeddeko

waggulu.

**Ekyokubiri**: Bwaaba abadde asaala n'abuusabuusa mu raaka z'asadde, bwafuna kyasinza ku kinnaakyo, avunnama oluvannyuma lwa salaamu; olwa Hadiithi ya Ibun Masood Allah yasiima ku ye- nti Nabbiﷺ yalagira omuntu aba afunye okubuusabuusa mu sswalaye afune kyasinza ku birowoozo ebibiri amalirize esswalaye atoole salaamu, oluvannyuma avunname sujuud sahwi akomekkereze ne salaamu eyokubiri, Hadiithi tw'agyogeddeko.

Esswala bweba ebaddemu okwerabira kwa mirundi ebiri, nga ekifo ekisooka kya lubereberye lwa salaamu, ate ekyokubiri luvannyuma lwayo, wano abamanyi b'obusiraamu batugamba: Atwaalako kya kuvunnama lubereberye lwa salaamu n'akola ekyo.

**E**kyokulabirako: Omuntu asadde Dhuhuri n'ayimirira ku raaka eyokusatu nga yeerabidde ttahiyaatu esooka, olugimaze n'atuula ttahiyaatu esooka nga alowooza ye amaze raaka ya kubiri, oluvannyuma najjukira nti raaka ya kusatu gyamaze, wano nno kyakola, asituka n'aleeta raaka eyokuna navunnama sujuud sahwi, nakomekkereza ne salaamu.

Abamanyi b'obusiraamu beegatta bonna nti Esswala ya Jamah eri mu mirimu egy'ettendo era emikulu mu busiraamu, Allah yagyogerako mu bifo bingi mu Qurani okutuuka ne mu mbeera ez'okutya, Allah y'agamba:

قال تعالى: ﴿وَإِذَا كُنتَ فِيهِمْ فَأَقَمْتَ لَهُمُ ٱلصَّلَوٰةَ فَلْتَقُمْ طَآئِفَةٌ مِّنْهُم مَّعَكَ وَلْيَأْخُذُوٓاْ أَسْلِحَتَهُمْ فَإِذَا سَجَدُواْ فَلْيَكُونُواْ مِن وَرَآئِكُمْ وَلْتَأْتِ طَآئِفَةٌ أُخْرَىٰ لَمْ يُصَلُّواْ فَلْيُصَلُّواْ مَعَكَ وَلْيَأْخُذُواْ حِذْرَهُمْ وَأَسْلِحَتَهُمْ...﴾ [سورة النِّسَاء ١٠٢].

**"Bw'obeera nga (Ggwe Nabbi) nga oli mu bo n'obayimiririzaawo esswala (mu kiseera ky'olutalo), kiteekwa kuyimirira ekibiina kimu (kyokka) mu bo wamu naawe; era nga kikutte n'eby'okulwanyisa byakyo. Bwe baba nga bamaze okuvunnama, kale bateekwa badde emabega wammwe era kijje (mu maaso) ekibiina ekirala ekitannasaala kisaale awamu naawe, era bakwatenga eby'okwerinza byabwe n'eby'okulwanyisa byabwe…"**

Ne mu bigambo bya Nabbi ﷺ ebiraga obw'etteeka bw'esswala ya Jamah bye bino:

**1**. Ekigambo kya Nabbi ﷺ ekigamba:

قوله ﷺ: «وَالَّذِي نَفْسِي بِيَدِهِ لَقَدْ هَمَمْتُ أَنْ آمُرَ بِحَطَبٍ فَيُحْتَطَبَ, ثُمَّ آمُرَ بِالصَّلَاةِ فَيُؤَذَّنَ لَهَا, ثُمَّ آمُرَ رَجُلًا فَيَؤُمَّ اَلنَّاسَ, ثُمَّ أُخَالِفُ إِلَى رِجَالٍ لَا يَشْهَدُونَ اَلصَّلَاةَ, فَأُحَرِّقَ عَلَيْهِمْ بُيُوتَهُمْ» متفق عليه.

"Ndayira Oyo awaniridde omwoyo gwange mu mukono gwe, Nnaaliyagadde ndagire Enku zikunnganyizibwe zikumibwe omuliro, oluvannyuma ndagire esswala esaazibwe omuntu omulala, olwo ngyolekere eri abantu abagaanye okujja okusaala Jamah mbookere mu mayumba gaabwe"

2.Obujulizi obulala obulaga obw'etteeka bwe Jamah, ky'ekigambo kya Nabbi ﷺ eri omusajja omuzibe eyamusaba olukusa asaale yekka ewakawe, alekeyo okusaala Jamah ku Muzikiti, Nabbi ﷺ y'amugamba:

قوله ﷺ للرجل الأعمى الذي طلب منه أن يرخص له في الصلاة في بيته: «أتسْمَعُ اَلنِّدَاءَ بِالصَّلَاةِ؟» قال نعم. قال: «فأجب» رواه مسلم.

**"Owulira okwaziina? Namuddamu nti yye, Nabbi ﷺ n'amugamba: Awo nno yanukula**

**(ogende osaale Jamah ku Muzikiti)**.

**3.**Ekigambo kya Nabbi ﷺ ekigamba:

قوله ﷺ: «مَنْ سَمِعَ اَلنِّدَاءَ فَلَمْ يَأْتِ فَلَا صَلَاةَ لَهُ إِلَّا مِنْ عُذْرٍ» رواه ابن ماجه وابن حبان وصححه الألباني.

**"Y**enna awulira okwaziina n'atajja kusaala, esswala gy'asaalidde ewaka tetuuka okujjako nga alina olukusa olw'eddiini"

Swahaba ayitibwa Ibun Masood Allah yasiima ku ye- yagamba:

وقال ابن مسعود رضي الله عنه: «وَلَقَدْ رَأَيْتُنَا وَمَا يَتَخَلَّفُ عَنْهَا إِلاَّ مُنَافِقٌ مَعْلُومُ النِّفَاقِ وَلَقَدْ كَانَ الرَّجُلُ يُؤْتَى بِهِ يُهَادَى بَيْنَ الرَّجُلَيْنِ حَتَّى يُقَامَ فِي الصَّفِّ» رواه مسلم.

"**Mazima ddala twalinga tetulaba muffe muntu asigala waka n'atajja kusaala Jamah kumuzikiti okujjako omunnaanfuusi amanyikiddwa obunnaanfuusi, era ddala omuntu omulwadde muffe y'aleetebwanga ng'awaniriddwa wakati w'abasajja babiri n'ayimirizibwa mu lunyiriri lw'esswala asaale Jamah; olw'okutya okumulowoozesa nti nayemunnaanfuusi**"

Bwe twe tegereza obujulizi obwo waggulu, bulaga obw'etteeka bw'esswala ya Jamah naddala okugisaalira ku Muzikiti eri Abasajja, abasiraamu bali kibiina kimu, ekyo tekituukirira bulungi okujjako okukungaana nga bali wamu mu kusinza Katonda wabwe, atenga okusinza okusinga obukulu y'esswala, ky'ova olaba kyaali kyatteeka abasiraamu bakunngaanire wamu okusaala esswala ya Jamah.

N'olwekyo kyatteeka eri buli musiraamu omusajja omukulu ategeera obulungi, okusaalira esswalaye mu Jamah, k'ebeere mbeera ya lugendo oba etali yyo.

Ne mu mateeka ga Allah g'eyassa ku Mubaka we ﷺ, y'esswala ya Jamah na butya bw'esaalibwa, mu mbeera nti yateekawo Imaamu akulembera esswala n'omugoberezi asaazibwa, na buli omu alina obuvunaanyizibwa bwe mu kusaalira awamu.

**1**. Imaamu alina okusaaza abantu esswala mu butuufu bwayo nga Nabbiﷺ bwe yagisaazanga ba swahaba be, mazima yo yali sswala enzijuvu obulungi atenga tekaluubiriza basaaze, nga swahaba ayitibwa Anas bun Malik Allah yasiima ku ye- y'agamba:

قال أنس بن مالك ﵁: «مَا صَلَّيْتُ وَرَاءَ إِمَامٍ قَطُّ أَخَفَّ صَلاَةً وَلاَ أَتَمَّ مِنَ النَّبِيِّ ﷺ» رواه البخاري ومسلم.

**"Sisaalangako mabega wa Imaamu sswala mpeweevu atenga nzijuvu okusinga esswala ya Nabbi ﷺ"**

Imaamu bw'asaala yekka asobola okuwanvuya esswalaye oba okugikendeeza okusinziira nga bwayagadde, wabula bw'asaaza abantu Jamah talina kwesalirawo kukola ekyo, mu mbeera eno ki mukakatako okutunuulira embeera z'abantu b'akulembera; kubanga emabega we waliyo abanafu n'abato mu myaaka abatasobola kuwanvuya sswala olw'obunafu bwabwe; olw'okuba teyesaaza yekka, wabula yesaaza n'asaaza n'abamuli emabega, kale nno alina okutya Allah we mu bantu b'asaaza emabega Jamah.

**2.**Alina okufaayo okutereeza Ennyiriri z'abasaaze bulungi ne bikolwa wamu ne bigambo nga Nabbi ﷺ bw'eyakolanga, Hadiithi eva ku Anas Alla yasiima ku ye- nti Nabbiﷺ yagambanga mu kaseera k'okuyimirizaawo essswala nti:

فعن أنس ﵁ أن النبي ﷺ قال: «سَوُّوا صُفُوفَكُمْ فَإِنَّ تَسْوِيَةَ الصُّفُ مِن إِقَامَةِ الصَّلَاة» رواه البخاري. وفي رواية مُسْلِمٍ: «مِنْ تَمَامِ الصَّلَاةِ».

"**Mwenkanyenkanye Ennyiriri zammwe; kubanga mazima ddala okwenkanyankanya ennyiriri kimu kubijjuuliza esswala**"

Ne swahaba Nnumani bun Bashiri Allah yasiima ku ye- y'agamba:

وقال النعمان بن بشير ﵁:«كَانَ رَسُولُ اللَّهِ ﷺ يُسَوِّي صُفُوفَنَا إِذَا قُمْنَا لِلصَّلَاةِ فَإِذَا اسْتَوَيْنَا كَبَّرَ» أخرجه أبو داود وصححه الألباني.

"Omubaka wa Allah ﷺ, yatereezanga ennyiriri zaffe nga tuyimiridde

okusaala, era bwe twa tereeranga ddala, ng'ayogera takbiira etandika esswala"

Ba Imaamu be Mizikiti ekigambo kino "**Bwe twa tereeranga, ng'atandika esswala**" tukitunuulire n'amaaso amoogi, olunyiriri luno luliko akakwakkulizo, nti Nabbi ﷺ, teyatandikanga sswala okujjako nga ennyiriri ziteredde bulungi.

## Ebimu Ebivunaanyizibwa OMugoberezi mu sswala

**1. O**kukuuma ennyiriri z'esswala nga ziteredde bulungi era nga ngolokofu, n'okuzijjamu amabanga wakati wazo. Hadiithi nga eva ku Abu Saidi Al khudiri Allah yasiima ku ye:

وعن أَبِي سـعِيد الخُدْرِيِّ رضي الله عنه، أَنَّ رسُـول اللَّهِ ﷺ: رأَى في أَصْحابِهِ تأَخُّرًا، فقَالَ لَهُمْ: «تقَدَّمُوا فأْتَمُّـوا بِي، وَلْيأْتَـمَّ بِكُـمْ مَـنْ بَعْدَكُـم، لاَ يـزالُ قَوْمٌ يَتأَخَّـرُونَ حَتـى يُوخِّرَهُمُ اللَّه» رواه مُسـلِم.

**"Olunaku lumu Nabbi ﷺ yalaba mu ba Swahaba be obugayaavu mu kutereeza Ennyiriri, N'abagamba: "Musemberegane mu maaso gyendi, era mungoberere mu kusaala; Ennyiriri emabega gange zisobole okugobererwa zinnaazo eziziddiririra emabega gazo okutuusa kw'esembayo, abantu bajja kulwaawo okujjumbira mu kupanga ennyiriri z'esswala okutuusa Allah lw'anabakeereya nabo**"

**2**. Okugoberera Imaamu mu sswala, abantu bangi esonga eno bagayaavu ku yyo, okutuusa olunaku lumu Nabbi Muhammadi ﷺ yali asaaza esswala, n'alemererwa okusaala nga ayimiridde, yatuula wansi n'alaza n'omukono gwe eri ba swahaba nabo basaale nga batudde, kino kiraga obukulu bw'okugoberera Imaamu.

Era tulina okukimanya nti Omugoberezi asaazibwa wamu ne Imaamu we asaaza mu sswala balina embeera nnya (4), naye kuliko emu entuufu:

**Embeera esooka**: Okusooka Imaamu ku kiyungo nga ye tannakituukako, eky'okulabirako: Omugoberezi bw'atandika Takbiira eggulawo esswala nga Imaamu tannagyogera, esswala ye tetuuka; kubanga agguddewo esswala olubereberye lwa Imaamu, ate bwayimuka okuva ku maviivi nga Imaamu tannavaayo esswalaye efa bwaaba akigendereddde, nabwekityo bwa vunnama wansi n'omutwe nga Imaamu tannavunnama mu bugenderevu esswalaye efa ne sazibwaamu, nab we kityo bwasituka okuva ku ssujuudu okukima

raaka endala nga imaamu tannakikola esswalaye efa bwaaba akigendereddde; olw'ekigambo kya Nabbi ﷺ ekigamba:

لقولـه ﷺ: « إِنَّمَـا جُعِـلَ الإِمَـامُ لِيُؤْتَـمَّ بِـهِ، فَـإِذَا كَـبَّرَ فَكَـبِّرُوا، وَإِذَا رَكَـعَ فَارْكَعُـوا...» رواه البخـاري «وقـال: أَمَـا يَخْـشَى أَحَدُكُـمْ ـ أَوْ لاَ يَخْـشَى أَحَدُكُـمْ ـ إِذَا رَفَـعَ رَأْسَـهُ قَبْـلَ الإِمَـامِ أَنْ يَجْعَـلَ اللَّـهُ رَأْسَـهُ رَأْسَ حِـمَارٍ أَوْ يَجْعَـلَ اللَّـهُ صُورَتَـهُ صُـورَةَ حِـمَارٍ» رواه البخـاري ومسـلم.

"**Imaamu yatekebwaawo kugobererwa, Bwagamba Allahu Akbaru nammwe mugyogere, bw'agenda ku maviivi nammwe mugendeyo**…" era Nabbi ﷺ y'agamba:

"Abaffe! tatya omu mu mmwe okusitula omutwe nga Imaamu tannaba kugusitula, Allah okufuula omutwe gwe gubeere nga ogw'endogoyi, oba Allah okufuula ekifaananyi kye kifaanane eky'endogoyi"

**Eyokubiri**: Okutuukira ku kiyungo mu kaseera ke kamu Imaamu n'omugoberezi, amakulu Imaamu n'omugoberezi bakutamye ku maviivi lumu mu kaseera kekamu, kino kitamwa okujjako Takbiira eggulawo esswala; kubanga amakulu g'okugoberera Imaamu gaba tegavuddeyo bulungi

**Eyokusatu**: Okukeerewa ennyo okusanga Imaamu ku kiyungo, gamba nga Imaamu akutamye ku maviivi ate omugoberezi ng'aky'ayimiridde oba ovunnamye wansi ate omugoberezi ayimiridde, eno ensobi ebeerawo nnyo ku sujuudu eyokubiri nga Imaamu ayimirira ku raaka endala, olaba abagoberezi abamu bakyaali ku sujuudu, atenga Imaamu yavuddeyo dda, kale nno eno nsobi nnene erina okwewalibwa era kyawukana n'ekiragiro kya Nabbi ﷺ; kubanga Omubaka ﷺ agamba:

لأن الرسول ﷺ يقول: «وَإِذَا رَكَعَ فَارْكَعُوا، ... وَإِذَا سَجَدَ فَاسْجُدُوا» رواه البخاري.

"**Imaamu bw'akutama ku maviivi nammwe mukutame, era bw'avunnama, nammwe muvunname**". Wano yatugamba okugoberera Imaamu n'obutamwawukanako wadde okukeerewa.

**Eyokuna:** Okugoberera Imaamu mu butuufu bw'okumugoberera, nga bwa genda ku kiyungo, n'omugoberezi ng'agendayo, lino lye kkubo erikakata ku buli Mugoberezi asaalira emabega wa Imaamu, era ge makulu ge tufuna mu bigambo

bye tunokoddeyo ebya Nabbi Muhammadi ﷺ eby'okugoberera Imaamu n'obutamwawukanako mu kusaala.

**NB**: 1.Tekikkirizibwa omuntu yenna alaba omuvubuka omuto kumuggya mu muzikiti okuggyako nga kijja kuba kya bulabe eri omuzikiti oba eri abasaaze abagulimu.

2. Tekikkirizibwa muntu yenna kujjayo mwana muto okuva ku lunyiriri namuzza emabega; kubanga asooka okutuuka mu kifo ku lunyiriri mu muzikiti, aba ye nnannyini kyo okusinga omuntu omulala yenna.

3. Tukozesezza akabonero kano ﷺ okutegeeza Nabbi Muhammadi (Ebyengera n'emirembe bibeere ku ye); kubanga buli linnya lye bwe lyogerwaako, tumusabira ebyengera n'emirembe bibeere ku ye.

## 1. Okusiimuula ku ngatto gyebayita Huffuu ne Sitokisi

Huffuu kyekki? Ky'ekyambalwa mu kigere nga kyaddiba nebigwa mu kkubo lyekyo nga sitokisi ezaabuli ngeri, azisiimuula ku lw'ekizuusi ekitono eky'okufuna wudhu, wabula si kizuusi kinene eky'okunaaba omubiri.

**Engeri gyetusiimuulamu ku huffuu (sitokisi):** Ateeka otuzzi nga tutono mu kibatu n'asiimuula kungulu wa huffuu oba sitokisi, okuviira ddala ku bugere obutono mpaka ku kakongovule, ekyo akikola omulundi gumu, naye tasiimuula wansi wakigere, era tatobya sitokisi wabula asiimuula busiimuuzi na bibatu bibisi.



Asiimuula ku Huffu



Asiimuula ku Sitoksi

Obujulizi bw'okusiimuula ku ngatto (huffuu). Obujulizi bungi mu ddiini yaffe obulaga okukkirizibwa kw'okusiimuula ku huffuu oba sitokisi mu bwo: Ye Hadiithi ya Anasi Allah yasiima ku ye, Nabbi ﷺ y'agamba:

**عن أنس رضي الله عنه مرفوعا: {إذا توضأ أحدكم ولبس خفيه فليمسح عليهما وليصل فيهما، ولا يخلعهما إن شاء إلا من جنابة} رواه الحاكم وصححه.**

**"Omu mu mmwe bw'afuna wudhu nga mu bigere bye ayambadde Hufffuu (oba sitokisi), azisiimuuleko amale azisaaliremu, tazijjaamu okujjako nga alina Janabah (nga alina kunaaba mubiri)"**

**Obujulizi obulala ye Hadiithi ya Amru Bun umayyah Allah yasiima ku ye, y'agamba:**

**عن عمرو بن أمية الضمري، قال: (رأيت النبي ﷺ يمسح على عمامته وخفيه) مختصر صحيح البخاري للألباني**

**"Nalaba Nabbi Muhammadi ﷺ nga asiimuula ku ngatto (huffuu)"**

**Obukwakkulizo bw'okusiimuula ku Huffuu (sitokisi):**

**(a): Yenna ayagala okusiimuula ku huffuu oba sitokisi, alina okuzambala nga alina wudhu, olw'obujulizi bwa Hadiithi ya urwat bin Almughiirat nga agijja ku kitaawe y'agamba:**

**لحديث عروة بن المغيرة، عن أبيه قال: (كنت مع النبي ﷺ في سفر، فأهويت لأنزع خفيه، فقال: «دعهما فإني أدخلتهما طاهرتين، فمسح عليهما) رواه البخاري**

**"Nali mu lugendo ne Nabbi ﷺ nenjagala okumujjamu engatto (huffuu) n'anngamba: zireke kubanga nazambadde nina wudhu". N'azisiimuulako busiimuuzi"**

**(b): Okuba nga huffuu oba sitokisi nnyonjo, bweba erinako obukyaafu tekikkirizibwa kugisiimuulako.**

**(c): Okubanga ebikka ekifo webasiimuula.**

**Ebbanga erikkirizibwa okusiimuula: Omutuuze atali mu lugendo asiimuula olunaku lumu n'ekiro kyaalwo, awamu (z'esaawa 24), ate omutambuze ali mu safaari asiimuula ennaku satu n'ebiro byaazo (z'essaawa72). Atandika okubala ekiseera ky'nasiimuula mu kaseera wanaatandikira okusiimuula ku sitokisi (huffu).**

**Ebyonoona okusiimuula:**

**(a): Kasita ajjamu huffuu (sitokisi) mu kigere kye awo okusiimuula kuba kwoonoonese**

**(b): Omuntu okukakatibwaako okunaaba (okunaaba janaba)**

**(c): Kasita ekiseera ky'asiimuuliramu kiggwaako, aba takkirizibwa kusiimuula.**

## 2. Ebyonoona wudhu:

- **Ekifulumira ku gamu ku makubo abiri okugeza nga omusulo, empitambi, okuyisa ommuka, olw'ekigambo kya Allah ekigamba:**

لقوله تعالى: {أَوْ جَآءَ أَحَدٌ مِّنكُم مِّنَ ٱلْغَآئِطِ أَوْ لَٰمَسْتُمُ ٱلنِّسَآءَ} [سورة المَائِدَة:٧]

**"oba azze omu mummwe ng'va okukyama, oba nga musisinkanyizza omubiri gwammwe**

**n'ogwomukyala"**

- **Okugenda kw'amagezi, okugeza nga okuzirika, okutamiira, okugwa eddalu.**
- **Otulo tw'oba nga tokyawulira.**
- **Okukwata n'ekibatu ku bweereere n'obwagazi oba engalo.**
- **Okuva mu busiraamu.**

- **Okulya ennyama y'enggamiya, yabuuzibwa Nabbi ﷺ kunnyama eno:**

**وسئل النبي ﷺ: {أنتوضأ من لحوم الإبل؟ فقال: نعم}** رواه مسلم

**"Abaffe, tufune wudhu nga tulidde ennyama y'enggamiya? Naddamu**

**nti yye"**

- **Omusajja Okukwaata ku mukazi n'obwagazi, oba omukazi okukwaata ku musajja n'obwagazi.**

## 3. ATTAYAMMAMU (Okufuna Wudhu nga tukozesa ettaka)

**Kino kiri mu mirimu Allah gye yawa ekibiina kya Nabbi Muhammad ﷺ, era kitegeeza: Okusinza Allah nga tugenderera nakukozesa ettaka eddungi nga tusiimuula mu maaso ne kungulu kw'ebibatu byombiriri. Allah y'agamba:**

قال تعالى: {فَلَمْ تَجِدُوا۟ مَآءً فَتَيَمَّمُوا۟ صَعِيدًا طَيِّبًا فَٱمْسَحُوا۟ بِوُجُوهِكُمْ
وَأَيْدِيكُم مِّنْهُ ۚ مَا يُرِيدُ ٱللَّهُ لِيَجْعَلَ عَلَيْكُم مِّنْ حَرَجٍ وَلَٰكِن يُرِيدُ
لِيُطَهِّرَكُمْ وَلِيُتِمَّ نِعْمَتَهُۥ عَلَيْكُمْ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ} [سورة المائدة: ٦].


1- Akona kuttaka


2- Asiimuula mu kyenyi


3- Asiimuula ku bibatu


4- Asiimuula ku bibatu

**"Ne mutafuna mazzi, olwo mugenderere okukozesa ettaka eddungi (ettukuvu) musiige mu maaso gammwe ne mikono gyammwe nalyo. Tayagala Katonda kubassaako buzito bwonna, naye Ayagala kubatukuza, era Alyoke Ajjuze ekyengera kye ku mmwe oba olyawo ne mwebaza"**

**Ddi lwetufuna wudhu n'ettaka?**

**(a): Kasita onoonya amazzi negabula.**

**(b): Bw'oba olina ebbwa eddene oba nga oli mulwadde, nga bw'okozesa amazzi gakukosa.**

**(c): Bwegaba amazzi gannyogoga nnyo nga tosobodde kugabugumya ate nga**

**otya amazzi okukukosa.**

**(d): Bwegaba amazzi agaliwo matono nnyo nga gamala kufumbisa oba ng'amazzi agaliwo geetagisa mu by'okunywa.**

**Ebyoonoona wudhu y'ettakaa (tayammam): 1.Amazzi okulabika nga osobola n'okugakozesa. 2.Byonna ebyonoona wudhu nga bwe twabirabye.**

**Ensonga enkulu ezigwanidde okw'ogerwaako:**

**Ensonga esooka: Yenna ab'akakasa nti alina wudhu oluvannyuma n'abuusabuusa okubanga tagirina azimbira kukukakasa, n'ekitegeeza mu mbeera eno nti wudhu aba agirina.**

**Ensonga eyokubiri: Ate yenna akakasa nti tarina wudhu oluvannyuma n'abuusabuusa ob'agirina azimbira kukukasa, n'ekitegeeza mu mbeera eno nti wudhu tagirina nga alina kugiddamu kugifuna.**

**Ensonga eyokusatu: Omusulo gw'ekisolo ekiriibwa mu Busiraamu, n'amazzi g'omusajja agazaala bimanyikiddwa nti bitukuvu.**

**Ensonga eyokuna: Omusiraamu yenna bw'abuusabuusa mu butukuvu bw'amazzi n'obukyaafu bwago azimbira kukukakasa, era y'ensibuko yabuli kintu okuba nga kiba kitukuvu mumbeera eno.**

**Ensonga eyokutaano: Omuntu bw'abuzaabuzibwa amazzi, tugeze alina ebbaafu bbiri tamanyi kuzombiriri eriwa erina amazzi amayonjo, mumbeera eno gonna agaleka n'afuna amazzi amalala n'afuna wudhu.**

## 4. OKUNAABA (AL GUSULU)

**Ebireetera omuntu okukakatwaako okunaaba omubiri mu busiraamu:**

**(a). Janaba, nga okwegatta munsonga z'obufumbo, era kwekusisinkana kw'obweereere bw'omusajja n'obwomukyala, ne bwaaba nga omusajja tavuddeemu mazzi gazaala, ekirala omusajja oba omukazi okuvaamu amazzi agazaala, k'ebeere mbeera ya mutulo oba simutulo gamba nga okwemazisa (masturbate) n'ebirala. Allah y'agamba:**

قال تعالى: {وإن كنتم جنبا فاطهروا} [سورة المَائـِدَة: ٦].

**“Bwe mubanga mulabaganye ne bakyala bammwe (nga mulina janabba), mwetukuzenga nga munaaba (omubiri gwonna)”. N’ekigambo kya Nabbi ﷺ ekigamba:**

**وقول النبي ﷺ: (إذا التقى الختانان فقد وجب الغسل) رواه ابن ماجه**

**“Obwereere bw’omusajja kasita busisinkana obw’omukyaala kuba kubakakaseeko okunaaba omubiri gwonna”**

**(b): Ensonga eyokubiri ereetera okunaaba, ye mukyala okuva munsunga yabuli mwezi n’okumala okuzaala. Olw’ekigambo ky’Allah ekigamba:**

لقـوله تعـالى: {فَاعْتَزِلُـوا النِّسَـاءَ فِي الْمَحِيـضِ ۖ وَلَا تَقْرَبُوهُـنَّ حَـتَّىٰ يَطْهُـرْنَ ۖ فَـإِذَا تَطَهَّـرْنَ فَأْتُوهُـنَّ مِـنْ حَيْـثُ أَمَرَكُـمُ اللَّهُ ۚ إِنَّ اللَّهَ يُحِـبُّ التَّوَّابِـينَ وَيُحِـبُّ الْمُتَطَهِّرِيـنَ} [سـورة البقـرة: ٢٢٢]

**“kale mwawukane n’abakayala (obuteegatta nabo) nga bali mu bulwadde bwabwe (obwa buli mwezi). Temubasembereranga okutuusa nga lwe batukula. Bwe babeera nga batukudde (ne banaaba, olwo) mugendenga gye bali mu kifo awo Katonda we Yabakkiriza (mwegattenga nabo emberi waabwe, sso ssi mabega). Mazima Katonda Ayagala abeenenya, era ayagala abeetukuza”**

**Engeri y’okunaaba okw’obusiraamu (Janaba):**

**Omuntu okutandika okunaaba agamba (Bismillah), nga amalirira okwejjako obukyaafu asobole okusaala n’okukola emirimu emirala egy’obusiraamu, oluvannyuma anaaza ebibatu bye emirundi esatu, oluvannyuma n’atawaaza obweereere n’ekifo ekibwetoolodde naddala awali obukyafu, oluvannyuma n’afuna wudhu nga tanaazizza bigere kuba byo abisembyaayo nga anaaba, oluvannyuma anaaba mu mutwe gwe wamu n’amatu emirundi esatu, oluvannyuma yeekuuta omubiri gwe oludda olwaddyo nessabuuni bulungi nadda kulwakkono bw’atyo, naye afuba okulaba nti ebifo byonna ebyo ku mubiri byonna biyonjebwa nga munkwaawa n’amaviivi newalala wonna.**

**Haidhi, Nifasi ne Istihaadha (Ennamula ez’eyawulidde omukyala ali munsonga n’amazeokuzaala).**

**1. Haidhi. Guba musaayi oguva mu nnabaana y’omukyala ng’omukyala akuze**

**oba nga atuuse mu myaaka gy'omusaayi guno. Omusaayi guno gufuluma mu mukyala mu biseera ebimanyikiddwa, n'ekiseera ekisembayo obutono eky'omusaayi guno lunaku lumu n'ekiro kyalwo, ate ekisembayo obunene naku kumina ttaano.**

**2. Annifaasi. Musaayi oguva mu nnabaana y'omukyala ng'amaze okuzaala, tewali kiseera kimanyikiddwa eky'omusaayi guno ekisembayo obutono, omukyala yenna ab'azadde bw'alabira omusaayi guno nga tegukyajja anaaba n'atandika okusaala.**

**3. Omukyala ow'ekikulukuto (Almustahadha). Ye mukyala yenna ng'omusaayi guno ogumuvaamu gusukka ennaku kkumina ttaano (15) nga gwongera kutonnya**

**Ennamula ezimu ez'omukyala avaamu omusaayi gwa buli mwezi oba ogw'okuzaala:**

**(a). Kizira (tekikkirizibwa) kwegatta n'omukyala ali munsonga, olw'ekigambo ky'Allah:**

لقوله تعالى: {وَيَسْأَلُونَكَ عَنِ الْمَحِيضِ ۖ قُلْ هُوَ أَذًى فَاعْتَزِلُوا النِّسَاءَ فِي الْمَحِيضِ ۖ وَلَا تَقْرَبُوهُنَّ حَتَّىٰ يَطْهُرْنَ ۖ فَإِذَا تَطَهَّرْنَ فَأْتُوهُنَّ مِنْ حَيْثُ أَمَرَكُمُ اللَّهُ ۚ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ التَّوَّابِينَ وَيُحِبُّ الْمُتَطَهِّرِينَ} [سورة البقرة: ٢٢٢]

**"Era bakubuuza (Ggwe Muhammadi) ku mukyala nga ali mu nnaku zaabwe (nga bali mu Heezi). Bagambe nti: Gwo (omusaayi), kyenyinyalwa, kale mwawukane n'abakayala (obuteegatta nabo) nga bali mu bulwadde bwabwe (nga bali mu Heezi). Temubasembereranga okutuusa nga lwe batukula. Bwe babeera nga batukudde (ne banaaba, olwo) mugendenga gye bali mu kifo awo Katonda we Yabakkiriza (mwegattenga nabo emberi waabwe, sso ssi mabega). Mazima Katonda Ayagala abeenenya, era ayagala abeetukuza"**

**(b). Omukyala ali munsonga alekayo okusaala n'okusiiba, era nga kizira ku ye okukola ibaada ezo, naye okusiiba kwokka akuliwa nga omwezi gwa Ramadhani guweddeko era nga anaabye n'atukula bulungi.**

**(c). Kizira omukyala ali munsonga okwetoloola Kaaba mpaka lwatukula**

n'anaaba.

(d). Kizira omukyala ali munsonga okukwata ku Qur'an okujjako nga waliwo ekisiikirizza n'atagikwasa mukono mweerere.

Embeera z'omukyala ali mu kikulukuto (omusaayi nga gususse ennaku kumina ttaano):

Ekikulukuto: y'embeera etuuka kubakyala abamu ne bavaamu omusaayi mubiseera ebitali byakubeera munsonga, oba omu n'agenda munsonga naye omusaayi negutasalako kufuluma newankubadde nga azivuddemu, omukyala ali mumbeera eno alina engeri zamirundi esatu:

1. Omukyala okubanga alina ennaku z'alwaliramu ezimanyikiddwa nga tannafuna bulwadde bwakikulukuto, omukyala singa amanya ennakuze mwalwalira okugeza singa alwaala ennaku taano kuntandikwa y'omwezi, oyo ennakuze bw'ezituuka alekayo okusaala n'okusiiba, era n'alamulwako amateeka agafuga ali munsonga, naye ennakuze ezimanyikiddwa bweziggwaako anaabe n'atandike okusaala n'okusiiba.

2. Omukyala obutaba na nnaku zimanyikiddwa nti azirwalirako naye nga omusaayi gwe agwawula ku gw'omunsonga ogw'omwezi nga okuba nti muddugavu mukwafu gwabitole, oba guwunya, mu mbeera eno omusaayi ogwo guba gwa heidhi (gwa mwezi) era omukyala abeera munsonga, omukyala ennaku ezo azituula n'alekayo okusaala n'okusiiba, ate omusaayi ogutalina bubonero obwo bwetulabye waggulu guba gwa kikulukuto, wano nno anaaba amangu ddala nga obubonero buli buvuddewo, era abeera mutukuvu asaala n'okusiiba asiiba.

3. Omukyala obutaba na nnaku kw'alwalira ezimanyiddwa wadde omusaayi okuba n'obubonero obumanyiddwa, mumbeera eno omukyala atuula ebbanga lya haidhi erisinga obunene ennaku mukaaga oba musanvu buli mwezi kubanga ezo zennaku abakyala abasinga zebalwaala.

Bikiow'ekikulukutoby'atekeddwaokukolaeraddibwetulamulantimutukuvu:

- Atekeddwa okunaaba omubiri nga ebbanga kw'alwaalira liweddeko ery'omwezi.

**- Okutawaaza ebitundubye ebyekyaama buli lwab'agenda okusaala, nassa pamba oba ekigoye omusaayi weguyita guleme kutonnya, oluvannyuma n'afuna wudhu buli budde bwa sswalah lwe butuuka.**

**- Afuna wudhu n'asaala nga bwetulabye era n'asiiba omwezi gwa Ramadhan bwegutuuka, era omwaami we akkirizibwa okugenda gyaali.**

## 5. Ebyonoona n'ebitamwa mu sswala:

**Esswala efa n'esazibwaamu omusaaze bw'aleka empagi mu mbagi z'esswalah, oba akalombolombo k'esswalah ngate asobola okubituukiriza, tetufuddeeyo abirese mu bugenderevu oba si mu bugenderevu oba mu butamanya. N'okuleka ekyetteeka mu bugenderevu, n'okwogerera mu sswalah, n'okusekera mu sswala wamu n'okukola ebikolwa ebingi ebitali bya sswala mu bugenderevu byonoona esswalah.**

**Era kitamwa okukyuukakyuuka mu sswala; kubanga Nabbi ﷺ yabuuzibwa ku kukyuukakyuuka mu sswalah n'ayanukula nti:**

**سئل النبي ﷺ عن الالتفات في الصلاة؟ فقال: (هو اختلاس يختلسه الشيطان من صلاة العبد) رواه البخاري**

**"Kuno kuba kubulankanya Sitaani kw'abulankanya esswala y'omuntu"**

**Era kitamwa okuzanyazanya mu sswala gamba nga okwe kwaata mu kiwato n'okufunyafunya engalo n'ebirala, era kitamwa okugenda okusaala nga omuntu alina obwetaavu bw'okweyamba okunene n'okutono, era kitamwa okugenda mu sswala nga kiseera kya mmere kyakulya, olw'ekigabo kya Nabbi ﷺ ekigamba:**

**لقول النبي ﷺ: (لا صلاة بحضرة طعام، ولا هو يدافعه الأخبثان) متفق عليه**

**"Tewali sswala esaalibwa nga emmere ejjuddwa mu maaso g'omuntu, wadde ekiseera ky'obwetaavu bw'emmanju obunene n'obutono"**

## 6. Esswala y'omulwadde (oba omulwadde asaala atya):

***Kikakata ku mulwadde okusaala ng'ayimiridde mu sswala, kino akikola ku sswala ettaano ezetteeka ntegeeza (Fagiri, dhuhuri, Aswiri, Maghribi, Ishai), era afuba okulaba kino akikola ne bwe kiba kimwetaagisa kwesigama ku kisenge yesigame nga ayimiridde, oba kimwetaagisa kwe kwaata ku muggo akikole, bwaba**

**tasobola kusaala nga ayimiridde; nga obulwadde bw'amaanyi, obusiraamu bu mugamba asaale nga atudde, era kyagarwa nnyo asaale ngatudde kiswayiri, ate bwaba tasobodde kutuula asaale ng'agalamiridde ku ludda lwe olwaddyo oba olwakkono, era ne kino bwekigaana ng'obulwadde bwe tebumusobozesa, obusiraamu bw'amuta asaale mu mbeera yonna okusinziira ku busobozi bwe oba yeebase kyabugazi ku kitanda kye akikole; olw'ekigambo kya Allah ekigamba:**

لقوله تعالى: {لا يكلف الله نفسا إلا وسعها} [سورة البقرة :٦٨٢]

**"Tawaliriza Allah mwoyo okujjako kye gusobola" Era Nabbi ﷺ y'agamba Umrani bun Husweini Allah y'asiima ku ye- ku sswalah y'omulwadde nti:**

**لقوله ﷺ لعمران بن حُصَين: (صل قائما، فإن لم تستطع فقاعدا، فإن لم تستطع فعلى جنبك) رواه البخاري.**

**"Saala ng'oyimiridde, bw'oba tosobodde saala nga otudde, bw'oba tosobodde saalira kuludda lwo ng'ogalamidde"**


Asaala atudde


Akutamye


Avunnamye


Asaala agalamidde ku ludda lwe


Asaala agalamidde kyabugazi

*Omulwadde bwakaluubirizibwa okusaala esswala mu budde bwayo, tekirina buzibu asobola okugatta Dhuhuri ne Aswiri n'azisaala lumu, oba n'agatta Maghiribi ne Isha n'azisaala lumu, ekisinga obulungi kidda gy'ali okusaala mu kiseera kyonna kyasobodde, oba isha agisaala mu budde bwa maghribi akikole, oba maghribi gy'asaala mu budde bwa ishai akikole. Naye tulina okumanya baganda bange nti esswala ya Fagiri tegattibwa nasswala yonna, erina kusaalibwa mu biseera byayo mu mbeera yonna; kuba yo ya raaka bbiri zokka.

*Era omulwadde bwalemererwa okwefunisa wudhu aliwo yenna amufunisa wudhu, era bwaba talina mazzi wadde ettaka lyayinza okukozesa okutayammama (okufuna wudhu ng'okozesa ettaka) era nga tewali abimuleetera byombiriri, omulwade ono asaale mu mbeera gyalimu ne bwaba tafunye wudhu; kuba tewali amuyambako atenga esswala terina kulekebwa wadde okugikeereya.

*Kya tteeka eri omulwadde okusaala nga ayolekedde mu kibula okusinziira ku busobozi bwe naddala ekyenyi kye n'ebigere bye, era byonna bwaba tabisobodde asaale mu mbeera yonna gy'asobola.

Mu ngeri y'emu, kikkirizibwa omutambuze okugatta ku sswala, era akkirizibwa okusaka ku sswala za raaka ennya okutuuka ku raaka bbiri.

Nsaba Allah Asse ebyengera n'emirembe ku Nabbi Muhammadi n'abantu bennyumba ye, nabuli yenna an'akwaata ekkubo eggolokofu ery'obusiraamu, Amiina.

**NB:Tukozesezza, akabonero kano ﷺ okutegeeza Nabbi Muhammadi (Ebyengera n'emirembe bibeere ku ye); kubanga buli linnya lye bwe lyogerwaako, tumusabira ebyengera n'emirembe bibeere ku ye.**

## EBIRI MUNDA


**ENNYANJULA** **1**

**Ebiri sunna oba ebikubirizibwa okwogera nga esswala ewedde** **10**

**ESSWALA** **11**

**Esswala y'alaalikibwa ddi ku basiraamu era mukifo ki?** **14**

**Obukulu bw'esswala mu ddiini y'obusiraamu** **15**

**Obulungi bw'esswala n'emigaso gyayo** **16**

**Emigaso gye tufuna mu kusaala** **17**

**Okwewaza okulagajjalira Esswala.** 20

**Omuntu aleka Esswala ettaano alamulwa atya?** **22**

**OBUKWAKKULIZO (obulombolombo) BW'ESSWALA** **27**

**Katunnyonnyole ebirala ku sswala eno nga tugamba:** **34**

**Empagi n'ebyetteeka by'esswala** **35**

**Eby'etteeka z'esswala** **39**

**Obwetoowaze (n'obwewombeefu) mu kusaala n'okujjuuliriza ebiba bisobye** **40**

**Sujuud sahwi** **42**

**Sujuud sahwi olw'okwongera mu sswala** **43**

**Sujuud sahwi olw'okukendeeza mu sswala** **44**

**Sujuud sahwi olw'okubuusabuusa mu sswala** **46**

**Okubuusabuusa mu sswala kwa mbeera bbiri:** **46**

**Sujuud sahwi ku muntu asaalira emabega wa Imaamu mu jjama** **48**

**Ebifo eby'okuvunnamamu Sujuud Sahwi oluvannyuma lwa salaamu:** **50**

**ESSWALA YA JAMAH** **52**

**Ebimu Ebivunaanyizibwa Imaamu mu sswala** **54**

**Ebimu Ebivunaanyizibwa OMugoberezi mu sswala** **55**

**Ebintu Ebirala Ebikwaata ku Swala ne Wudhu** **58**

يحتوي الكتاب على شرحٍ متوسط عن صفة الطهارة والصلاة كما وردت عن النبي صلى الله عليه وسلم مع ملحق يبين صلاة أهل الأعذار نقلاً من أقوال الشيخ عبدالعزيز بن باز والشيخ محمد بن عثيمين رحمهما الله

Ekitabo kino kirimu Okunnyonnyola mu bufunze Enfuna ya Wudhu n'okusaala kwa Nabbi Muhammadi Ebyengera n'emirembe bibeere ku ye- nga mulimu n'ebirala ebikwaaka ku kweyonja n'esswala z'abantu abalina olukusa okugatta oba okusala ku sswala nga bino bijjiddwa mu bigambo bya Sheikh Abdulaziz bin Baz ne Sheikh Muhammad bin Uthaymeen Allah Abasaasire.

## صفة وضوء وصلاة النبي ﷺ

مستفاداً من كلام الشيخين ابن باز وابن عثيمين رحمهما الله

## Okunnyonnyola Enfuna ya wudhu n'okusaala kwa Nabbi ﷺ

الإصدار رقم ( 54 ) من سلسلة مطبوعات
جمعية الدعوة والإرشاد وتوعية الجاليات بمحافظة حريملاء

الطبعة الأولى
FIRST EDITION

ردمك/ ٩٧٨-٦٠٣-٠٤-٦٠٠٣-٨